

**EKITINDU EKISOOKA**  
**MULOWOOZA NZE ANI?**

**EKIZIBU KYE DDINI**

*Mwegendereze nyo eddini, obulamu bwamwe buleme kufugibwa eddini.*

Mwerabidde mu kaseera mpawekaaga emigaati ettaano egyalibwa abantu enkumi ettaano newafikawo ebisero kumi nabibiri ebyobukunkumuka. Temukyajukira emigaati omusanvu egyalibwa abantu enkumi enya newafikawo obukunkumuka enfafa. Wewawo mbajukiza kubyemigaati naye sikyekikulu naye njagala okubalabula okwegendereza ebigambo ebyobulimba nengigiriza enkyamu eri abo abenonyeza ebyabwe nga bayita muddini Mak. 8:18-21.

Banaddini basinza mubunanfusi nga bayigiriza empisa ezaabwe kulwabwe. Befunyiridde kukola ebyobuwangwa nebilala mukifo ky'okuyigiriza amateeka gange. Mak 7:7-9.

Mwegendereze abasomesa abambadde amaliba gendiga ngamunda mubo emisege emikambwe. Omukulembeze wabwe owanamaddala ye Setaani era bakola byayagala. Okuva kutandikwa Setaani mutemu era tayogera mazima. Ye mulimba era yekitaawe wobulimba eyo yempisa ye. Mat 7:15 ne Yok 8:44.

Eri abanyazi abetaddewo okuba abalamuzi mbagamba bwenti, omusango gumaze okubasinga. Mwe abakulembeze bamaddini bananfusi muggalawo enzigi zobwakabaka bwomuggulu eri abo abagala okuyingira. Temuyingire mwemwenyini ate nemuteekera emisanvu abagala okuyingira muggulu.

Munyaga banamwandu nga mwefuula ababaw'emikisa nokubasabira essaala empanvu. Mulabye kubanga mulisikira bikolimo.

Mutambula nga muddiringana eruyi ne ruyi nga muwayo omuntu owokulokola ate mumufuna nemumufula mubinyo okusinga bwabadde.

Mubulira nti yeekaalu siyamugaso nti ekisinga obukulu lyegwanika lye yeekaalu.

Kiki ekisinga obukulu zaabu eri mugwanika oba egwanika eritukuza zaabu?

Era mugambe nti wolutaali siyamugaso naye ekirabo ekigiriko kyekomugaso.

Muli basiru, era bamuzibe, kiki ekisinga kinaakyo, ekirabo ekiri ku wolutaali oba wolutaali etukuza ekirabo?

Oyo asaamu ekitiibwa wolutaali, asaamu ekitiibwa nekigiriko. Oyo asaamu ekitiibwa yeekaalu era asaamu ekitiibwa abeera munda muyo. Oyo asaamu ekitiibwa eggulu asaamu ekitiibwa Namulondo ya Katonda noyo agitulako.

Mwe banafunsi muwa ekitundu eky'ekumi ekya Nabbugira ne Aneta ne kkumino ebimera mumaaso g'enju zammwe mukiseera kyekimu nemwerabira ebisinga obukulu ebiri mu mateeka nga omusango, okusaasira, okukiriza n'ebintu ebirala ebibakwatako.

Temulengera wala. Mujja akawuka akatono mu mubisi naye munyweramu ensowera. Ne munaaza kukungulu kubikopo ne kubibya songa munda mulesemu ekko nobukyafu. Kitalo! musooke okugyawo obukyafu munda ebweru nayo ejja kulongoka.

Mwe abasomesa abalimba, mubunanfusi bwamwe mulinganga amalalo agasiigiddwa langi kungulu naye nga munda gajudde ekivundu kyabafu. Abantu babawana olweneyisa yamwe songa munda mummwe muli bananfusi. Muyinza mutya okuba nokukiriza Katonda nga munonya kusimibwa bantu naye siye? Mat. 23:13 - 28.

Muzimba amalaato gabanabbi nemuteeka ebimuli ku malaalo gabatukirivu nga bwemugamba nti senga twaliwo tetwandikiriza kuyiwa musaayi gwabwe. Temumanyi nti muba mwewaako obujulizi ngabwemuli abaana baabo abatta banabbi ate nebiKolwa byammwe bisinga obubi ebyaabwe.

Mwe emisota emikambwe egyebiro bino mulowooza nti muyinza okwewala Geyena? Mukitegere ngenda kubatumira banabbi nabagezigezi, nabasomesa, abamu mulibatta, mulibakomerera, nabalala mulibakuba nga mubabonyabonya okuva mubibuga. Mat 23:29 - 34.

Obunanfusi obwekika ekyo Isaaya yabwogerako ngagamba nti abantu bano bagya gyendi ngabanzisamu ekitibwa ekyokumimwa songa emitima gyaabwe gindiwala Mat 17:7 - 8.

Mwegulumiriza mumaaso gabantu songa katonda amanyi emitima gyammwe. Temumanyi nti obutukuvu obusimibwa abantu tebusanyusa mumaaso gakatonda Lk 16:15.

Mwegendereze nnyo kubanga abantu baliva ebuwanjuba nebugwanjuba nebatuula ne lbulayimu, Isaaka, ne Yakubo mubwakabaka bwa Katonda naye mmwe abalowooza okuyingira nemugobebwa ebweru okugyako nga obutukirivu bwamwe businga obwa banaddini, temuliyingira na katono Mat 8:11,12 and 5:20.

### **OMUSANA OGUMULISA ENSI**

*Nzize okuba omusana eri ensi, buli muntu anzikiriza tagenda kusigala mukizikiza. Nze ndi musana ogumulisa ensi. Abagoberezi bange bonna tebaliddayo kutambulira mu nzikiza naye bajja kuberanga mumusana Yok. 12:46 ne 8:12.*

Ekigezo kikino - omusana ogwenkanidde awo guzze munsu naye abagirimu baagala kizikiza okusinga omusana kubanga ebikolwa byabwe byakwemanya nomululu. Abo abawaddeyo obulamu babwe olwekibi tebagala musana namazima, batya nti ebikolwa byabwe bijja kulabibwa banenyezebwe. Naye abo

abaagala amazima tebatya musana kubanga bagala abikolwa byabwe bilabibwe basanyuse Katonda Yok 3:19 - 21.

Lumu wagenda mu Ddungu okulaba Nabbi - Yokana omubatiza yakulaga ekituufu. Yali muliro era ettaala eyaka. Walabika nti wasanyukira mu musana ogwo naye akaseera katonu. Naye nina omujulizi asinga Yokaana. Omulimu gwakitange gwampadde okumaliriza era gwenkola gukakasa nti yetantuma.

Singa mbadde sikola mulimu gwakitange mwandibadde baddembe obutanzikiriza naye oba nkola emirimugye nebawemuba temunzikiriza mukirize emirimu gyenkola. Awo nno mugya kumanya era mukirize nti kitange ali munze. Kubanga byonna byemukola mukyama bijja kulabika mulwaatu. Nebyo ebikoleddwa bigenda kuzulibwa. Kye mbategeeza kakati mukyama kigenda kwogerebwa mulwaatu era Omwoyo kyayogera mu kaama kigenda kwanjulwa Kunyumba waggulu. Luk 8:16 Mat 5:14 - 16, Lk 8:17 Mat 10:27.

Ettaala yomubiri lye liiso. Eliiso lyo bweliba eddamu, obulamu bwo bwonna bujjulla ekitangaala. Naye eliiso lyo bwe liba lijudde obubi, obulamu bwo bwonna buba, bujudde ekizikiza. Bwekityo bwekiba nti ekizikiza. Kikujuddekyamutawaana nyo. Mat 6:22,23

Olunaku telukina ssaawa kkumi na bbiri ezemisana? Bwotambula emisana tewesittala olwekitangaala nayoe bwotambula ekin wesaanga ogude, kubanga tolaba. Mutambule ngòmusana gukyayaka kuganga ne'kiro kiri kumpi. Abatembulira kizikiza muzibe. Omuzibe bwakulembera muzibe munne bonna babula. Yoh 11:9-10 ne 12:35.

Tiyinza kukoleza ttoala nogibikako kibbo oba nogiteeka wansi wekitanda naye ogiteka waggulu kummeza exxobole okumulisa abo abali munju.

Era toyinza kukoleeza ttaalanogiteeka mukisero maye ogiteeka waggulu wa kameaaza esobole kwakira buli muntu.

Temukimanyi nti mwe muli musana gwansi? Mulinganga ekibuga ekizimbiddwa kulusozi ekitayinza kwekisa. Omusana gwammwe gwakenga bwegutyo én'abantu balabe ebikolwa byammwe ebitungi balyoke batundereze kitammwe ali mugulu. Buli kyemukola kyomma munkweko kino bikulibwanga era nelyo ekiri mukyaama olunaku lunu kiri lagibwa mulwaatu.

Kyembabulira kakati mukyaana mukyatulenga mulujudde era buli omwoyo kyanayogeranga gyemuli mukaama mukyogerere waggulu. Luk 8:16 ne Mat 5:14

### **OKUBIKKULIRWA**

*Ekiseera kijja omwana w'omuntu lwa lirabisibwa era nawebwa ekitibwa Yok: 12:23*

Sijja kulwange nganoonya kitiibwa naye waliwo ayagala ngulumizibwe era yalisalira omusango abatanjagala Yok: 8:50.

Mumateeka agawandiikiddwa abantu gagamba nti obujulizi obwabantu ababiri obufanagana buba

butuufu. Nze nawaako obujulizi ne kitange eyantuma abukakasa. Nkimanyi nti obujulizi bwampaako butuufu era nolwekyo setaaga bujulizi bwababntu Yok: 8:17, 18 Yok: 5:32, 24.

Oyo eyeyogerako yekka akikola lwakwagala kwegulumiza naye oyo akola olwobutukirivu ne kitiibwa kyoooyo eyamutuma mutuufu era temuli bulimba muye. Yok 1:18.

Sizze kulwanga naye ntumiddwa oyo owamazima. Sivudde muggulu kukola byange naye ebyoyo Kitaffe byayagala. Nazaalibwa nenzija munsu eno olwensonga eyo okuba omujulizi omulamu era owamazima. Abo abagala amazima bangoberere Yok 7:28, 6:38, 18:37

Nze ne kitange tuli bumu mulinya lye mwenzijidde. Nzize mube nobulamu era mube nabwo mubujuvu. Yok 10:30, 10:10, 9.

Obuyinza bumpereddwa Muggulu ne Kunsu. Nze mbawa obulamu obutaggwawo, nebisumuluzo byobwakabaka obwomugulu era namaanyi agasinga agomulabe. N'olwekyo omutima gwo tegusagasagananga era totya emirembe mbawa egisinga ensi eno gyembawa. Bwemumanya amazima, galibafuula abeddembe. Omwana wakatonda bwakusumulula oghenda okuba ne mirembe egyanamaddala. Kino nkyogedde mubere nokukiriza mulyoke mukyusibwe Yok 10:28, 14:27, 8:32,36, 15:11.

Katonda eyantuma asiima kino nti buli atunuulira omwana namukiriza afuna obulamu obutaggwawo. Buli anzikiriza ndimuzuukiriza kulunaku olwenkomerero. Mukirize omwana wa katonda y'oyo ayogera gyemuli. Yok 6:40, 9:35, 37.

### **EKIGAMBO EKIRAMU**

*Kitange eyantuma andagidde ebyokubagamba. Manyi nti ebigambo bye bituusa omuntu mubulamu obutaggwawo. Buli kyandagidde okwogera, kyenjogera. Yok: 12:49, 50.*

Ebigambo bino byenjogera sibyangere biva eri Kitange eyantuma. Abo abawulira byenjogera nebakkiriza oyo eyantuma baliba nobulamu obutaggwawo. Tebalinyezebwa naye baliva mukufa ne bafuna obulamu Yok 14:24, 5:24.

Muwulirize, ekiseera kijja ate era kituuse abafu lwebaliwulira eddoboosi ly'omwana wa Katonda era buli aliriwulira aliba mulamu Yok 5:25.

Munonyereza ebiwandiiiko byobunabbi obwedda mbu mufune obulamu obutaggwawo ate nga mbyogerako naye temwagala kujja gyendi mufune obulamu bwemunoonya Yok 5:39, 40.

Wadde temumulaba mubuntu ate era tayogera nammwe muddoboosi ly'omwanguka kitange yeyogerako. Olw'obutakiriza nze Kitange gweyatuma muba mugaanye okuwulira eddoboosi lya Katonda y'enyini Yok 5:37,38.

Nze ne kitange tuli omuntu omu, Nzize mulinnya lye okubawa obulamu, mufune mu bujuvu. Yok 10:30; 10:10,9

Mpereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi mbawa obulamu obutaggwaawo n'ebisumuluzo byo bwakabaka obwo mu ggulu namaanyi agawangula amaanyi go mulabe kale emitima gyammwe gyeraliikira,

mbawa emirembe gyange, emirembe egisinga okutegeerwa ansi gye tasobola kuwa. Mulitegeera amazima, era amazima gali bafula abe ddembe, singa omwana wa katonda abasumulula, muliba ba ddembe ddala. Mbabulira bino mubeere no ku kkiriza, era mukyusibwe. Yok 10:28; 14:27; 8:32,36; 15:11

Kuno kwagala kwa katonda eyantuma nti buli anzikkiriza allifuna obulamu obutaggwaawo, ate bwe mu nzikkiriza ndi bazuukiza kulunaku olwe nkomerero. Naye mukkiriza omwana wa Katonda? Ye wuuyo ayogera nammwe. Yok 6:40; 9:35, 37.

### **KITAMMWE**

*Yesu Kristo mumulowoozako ki? Mwana wani? Mat 22:42*

Tewali amanyi mutabani wa katonda okujjako kitaawe ali muggulu. Era tewali ayinza kumanya kitaawe okujjako omwana oyo gw'amulaze. Neguno gujwa temumanyi nga nze kyenvudde nzijja ngantumiddwa gyemuli okuva gyali Mat.11:27.

Oyo antumye aliwano nange kakati. Tandeka nzeka kubanga buli kyenkola kimusanyusa. Kambategeze nti bwemulaba nze muba mulabye ye. Lwaki mumbuzza nti mbamulage ye. Temukiriza nti tuli kimu nekitange nekitange tuli bumu naye. Lk 18:2-8. Buli kitange kyalina kyange. Nvudde eri kitange nenzija munsu era ngenda kuddayo nate ewa kitange Yok 8:29. Tewali mwana kyayinza kola kululwe naye akola ebyo kitaawe byakola era kitaawe amwagala. Kyenvudde mbalaga ebyama byonna era mujja kulaba ebyamagero ebisinga nebyo bwemwali mulabyeeko.

Nga kitange bwazukiza abafu nabawa obulamu nomwana bwatyo aliwa obulamu oyo yenna gwayagala. Yok.5:19 - 21.

Nokusala emisango sisala kulwange. Nsala okusinzira kukatonda kyayagala. Nga kitange bwalina obuyinza okuwa obulamu nomwana alina ekirabo ekyo era awerreddwa obuyinza okusala emisango kubanga ye Kristo omwana w'omuntu. Yok 5:19, 26, 27, 30.

Ebigambo bino nabyogera okuvira ddala kutandiikwa. Bingi mubulamu bwammwe ebisalirwa emisango naye nzize nobubaka obw'enjawulo obumpereddwa oyo owamazima. Buno bwebubaka bwembulira ensi Yok.8:25, 26.

Kunkomerero nga mumaze okukomerera omwana w'omuntu mulitegeera kyali, nemumanya nti tewali kyenakola kulwange naye nga buli kimu kyava eri Kitange eyantuma okubyogera. Yok 8:28.

## **OMUSUMBA OMULUNGI**

*Temutya edinga zange. Ssanyu lyakitammwe okubawa obwakabaka. Luk: 12:32.*

Nze musumba omulungi. Manyi endiga zange era nazo zzimanyi. Kitange ammanyi era nange mumanyi. Ndimwetegefu okuwaayo obulamu bwange olwendiga. Zintegeere era zimanyi eddoozi lyange nange nzimanyi amanya gaazo buli emu kuzo. Zingoberera era nziwa obulamu obutagwawo. Tewali nomu ayinza kuzitta oba okuzinzibako. Kitange eyazimpa asinga obwakabaka bwona era teri amusinza buyinza. Wadde esinga obunafu muzo tewali ayinza kugisikula mumukono gwange. Era waliwo endiga zange nyinji ezitanaba kujja mukisibo, ntenkwa okuzikunganya. Manyi nga zirisanyuka bweziriwulira eddoozi lyange zigenda kujja zeyunge kukiraalo kyange nsobole okuzirabirira wamu. Yok 10:14,15,27-29.

Omusumba w'endiga ayingirira mumulyango gw'ekisibo. Agulawo oluggi era endiga ziwulira eddoozilye. Azikowola ng'akozesa amanya gaazo era nazitwaala mu ddundiro lwomuddo omuto. Agoberera endiga naziriisa. Era nazo zimugoberera nazizaamu amaanyi olwebigambo byayogera. Omubbi tezimukiriza zidduka buddusi. 10:25.

Nze Musumba omulungi awayo obulamu bwe olwendiga ze. Omusumba omupangise simutufu, tayinza kulabirira ndiga bulungi kubanga sizize. Bwalaba omusege adduka buddusi ngayabulira endiga ng'o musege gwerira. Endala nga zisasaana Yk 10:11-12.

Nze mulyango gwekiraalo. Bwotoyingirira mumulyango ogwo ng'oli mubbi era omunyazi. Bangi befuula abasumba nga sinagya naye endiga tezabategeera era tezabagoberera. Muyingirire mumulyango gwange mujja kuba neddembe era mujja kukkusibwa Yok 10:7,1,8,9.

Ensi eno ejjude obukuusa nokulya enguzzi nokufa. Naye nzinze okugyawo ebyobyonna. Njagala mutegeere obulamu obulungi obwanamaddala bwebufanana mbawe ne mikisa Yok 10:10.

## **EMMERE EY'OMWOYO**

*Kyawandikibwa nti omuntu tabeerenga mulamu nammere yokka naye era nekigambo ekiva eri Katonda Mat 4:4, Ekyamateeka 8:3.*

Nze mmere ey'obulamu. Singa mujja gyendi temugenda kuddayo kulumwa njala y'omwoyo. Era bwemunanzikiriza temugenda kuddayo kulumwa nyoonta y'omwoyo. Mwefunire emmere ey'obulamu eyo muggulu, mulibeera balamu emirembe gyonna. Emmere gyembawa bwebulamu bwange, mbuwayo olw'ensi musanyuke ngamulya emmere eno mufune obulamu obw'omwoyo muleme okufa Yok: 6:35, 48 - 51.

Mumala amaanyi gammwe nga mulya emmere eggwawo, mukifo kyokulya eyemirembe ne mirembe. Nze eno emmere ey'omwoyo gyembawa kubanga kitange ampadde obuyinza Yok 6:27.

Mukimanyi bulungi nti bajjajjamwe abaali muddungu baalya emmaanu. Abo baafa, Musa teyasobola kubawa mmere eva muggulu Kitange gyabawa. Emmere eyo ya Katonda eri omwana ava muggulu n'awaayo obulamu bwe kulwensi Yok 6:49,32,33.

Senga mukitegeera ekirabo Katonda kyabawadde mwandikitegedde nti mbawa n'amazzi ag'obulamu. Anywa gano amazzi agabulijjo alumwa ennyonta buli kisera, naye buli anywa kumazzi ge ndi muwa agya kubanga avumbudde ensulo ekulukuta n'obulamu obutaggwawo. Yok 4:10,13,14.

Mulina ennyonta ey'omwoyo? Mujje gyendi munywe. Abo bonna abanzikiriza balifuna ensulo ezikulukuta okuva munda zaabwe kuba bwekityo bwekyawandikibwa Yok 7:37,38.

## **EKITUNDU EKYOKUBIRI** **OBWAKABAKA OBUGGYA**

### **OBWAKABAKA OBW'OMUGGULU**

*Okuvira ddala mukiseera kya Yokana omubatiza okutuusa kakati obwakabaka obw'omuggulu bweyongedde nekawefube era abantu bangi bafunye amazima gaabwo Mat 11:12*

Obwakabaka obwomugulu bugerageranyizibwa ku nnimiro ey'e\_\_aano omulimi gyeyasimba mu ensigo ennungi. Olunaku lumu omulimi ngayebase, omulabe we yajja nasiga mu nnimiro yemu ensigo ez'omuddo neyeviraawo. E\_\_aano bwe yatandika okumera, n'omuddo guli nagwo negumera. Bwebabiraba byombi, abapakasi nebagenda eri nanyini nnimiro nebamugamba mumaloboozi agakawoowo nti tetwasimba nsingo nuungi munnimiro yo naye ate lwaku mulimu omuddo omukyaamu.

Omulimi naddamu nti oyo mulabe y'eyakikoze.

Nebamuddamu nti tugezeeko okugugyamu?.

Omulimi naddamu nti nedda, osanga bwemunaaba mugyamu omuddo mugya kugiramu n'\_\_aano. Mubireke bikulire wamu okutuusa amakungula awo nno mulikula e\_\_aano yokka no muddo ogwo gwoka, mulisiba emiganda buli ki nakimu. Omuddo gulyokyebwa no ne\_\_aano eritekebwa mu materekero.

Oyo eyasimba ennungi ye mwana w'omuntu, ennimiro y'ensi, ensigo ennungi bebaana abo bwakabaka omuddo b'ebo abalimbibwa setaani omulabe. Amakuungula y'enkomerero yensi era abakunguzi be bebamalayika. Ng'omuddo omubi bwegukunganyizibwa negwokebwa, bwekiriba bwekityo kunkomerero y'ensi. Omwana womuntu alituma bamalayika be, balikunganya buli kimu ekifudde ensi eno okuba embi naabo abatakata mateeka era ali basuula mukifo ekyokukaaba mukulumwa obujiji. Naye abatukirivu balyakayakana ng'enjuba mubwakabaka bwa Kitaabwe. Oba mulina amatu agawulira muwulire. Mat 13:37-43

Buli bwa Kabaka obweyawuddemu buli mukabi na buli kibuga oba enyumba ebitali bumu bigenda kugwa. Bwekityo bwekiri Sitaani bwalwanyisa sitaani aba y'eyawuddemu yekka mukuloowoza obwakabaka bwe buli wangaala butya?

Omuntu tayinza kujja kusitaani kintu okugyako nga'maze okusiba sitaani. Nze oba nsobola okugoba emizimu n'okukola ebyamagero ngankozesa amaanyi ga sitaani, mwe abaana bamwe bakozesa maanyi gangeriki? Bagenda kuba balamuzi bamwe. Ekyo ekibuuzo abaana bammwe basobola okukiddamu. Naye oba nze nabaana bammwe tugoba emizimu ngatukozesa amaanyi ga Katonda kitegeza nti mufunye obwakabaka bwakatonda Mat 12:25 - 29.

Mwali musomyeko kukyawandiikibwa ekigamba nti Ejinja abazimbi lyebagaana lyafuuka ery'okusonda. Eno yenkola ya katonda eyewuunyisa. Mulabe obwakabaka bwa katonda mwe abawuliriza n'emutabaako kyemukola n'ebiwebwa abo ababala ebibala Mat 21:42,43.

Mwegendereze nyo obubaka buno. Ebibi byonna bisoboka okusonyiibwa nobuvvoozi bwona naye eri abo abalwooza nti okukola obubi kulungi nokukola obulungi kibi, Abavoola omwoyo tekisoboka kusonyiibwa. Obwonoonyi obwekika kino tebugwaawo. Mwegendereze ebigambo bino kubanga abantu ababi nabakazi abetunda bayingira dda mubwakabaka ng'atemunaba. Baawulira okuyitibwa okw'obulamu era nebadda eri Katonda naye ab'emputu baawulidde okuyitibwa n'ebagaana mu bugenderevu Mak 3: 28, 29.

Temulwooza nti okugamba nti Mukama wange, mukama wange muliyingira mubwakabaka bwa Katonda okugyako nga mukoze Kitange by'ayagala. Mat 7:21

Mulwooze omuntu okugenda ewa nagagga ekiro nga yeebase. Omuntu oyo agobwa bugobwa bwakonkona kuluggi.

Nagagga amugamba nti sikumanyi nebwegezaako okunyonyola nti nze ey'alyanga naawe mubirabo by'emmere, netubuliira ffenna munguudo nze gw'ogoba. Amuddamu namugamba nti nze sikumanyi ndekera emirembe.

Kulunaku olw'enkomerero bangi baligamba nti mukama waffe, twalagula mulinya lyo, netugoba n'emizimu mulinya lyo netukola n'ebyamagero bingi mulinya lyo, naye nze ngenda kubaddamu nti muve wendi sibamanyangako nakamu. Obulamu bwamwe mwabumalira mukwonoona Luk 13:25-27.

Mbayigiriza n'engeri zino mwe muwereddwa okumanya ebyaama ebyobwakabaka obwomuggulu. Ate kambaweeyo olugero olulala olukwata kubwakabaka obw'omuggulu. Waliwo omusuubuzi omututumufu eyali ategeka okugenda mu lugendo oluwanvu. Naye ngatanagenda yayita mikwano gye basatu nabawa obuyinza kuby'obugagga bwe. Omu yamuwa emiganda ettaano omulala emiganda ebiri, omulala omuganda gumu buli omu namuwa obuyinza okukozesa emigendo egyo okusinzira kubusobozi bwabwe. Oyo eyaweewwa emuganda ettaano yatandika okugula nokutunda era nafuna amagoba gamirundi ebiri, owokubiri naye nakola bwatyo yateeka emiganda mu byamaguzi nafuna emirundi ebiri. Naye owokusatu yatya. Yateeka omuganda gwe mu sanduuko nagiziika muttaka. Yaguteeka muttaka ng'atya nti bayinza okugubba.

Bweyitawo ekiseera nanyini miganda nakomawo.

Nayita mikwano gye gino okubabuza engeri gy'ebakozesaamu sente ze. Owemiganda ettaano y'eyasoka n'anyonyola engeri gyeyakozesa sente nafuna emiganda kumi. Amangwago omugagga nagamba nti



okoze bulungi. Obadde mwegigwa mu bitono njakukwasa n'ebisingawo. Okutandika nekaakati tandika okuba n'obuvunanyizibwa.

Nayita owokubiri naye namugamba nti wampa emiganda ebiri naye nina ena. Naye namwebaza nti obadde mwegigwa mubitono naye njakuteka mubuvunanyizibwa obw'ebingi genda mumaaso nebirala.

Nowokusatu naye najja nagamba omugagga nti mbadde manyi nti oli musajja mubi okungaanya amagoba g'abantu abalala era nakimanya nti oyagala kunfuna mu magoba. Kyenakola kwe kutereka omuganda gw'esente zo muttaka okuntusa lw'olidda.

Omugagga naddamu nti omusajja oyo musirusiru oba wamanya nti eyo y'enkola yange lwaki tewateeka sente mu Banka n'ezizaala. Oba bwotyo bwewakola omuganda gukugibweeko guweebwe munno eyasooka gwe obonebone ate wejjuse.

Mubwakabaka obwomuggulu abo abakozesa byebalina newankubadde bitono bitya bajja kweyongeranga okufuna babe nabingi. Naye abo abatya okukozesa abatali abatalina bwesigwa bagenda kufiirwa byonna byebalina Mat 25:14 - 30.

Olugero olulala lwe lw'omuntu omutaka. Omuntu ono yagenda napangisa abakozi ab'omunimiro y'emizabibu. Yabazuula abasobola, nebategeregana kumuwendo buli lunaku. Nebatandika okukola. Oluvanyuma nga kusaawa satu yalaba abalala abatalina kyebakola nabagamba bagende nabo bakole nti ajja kubasasula empeera nungi.

Ku ssaawa mwenda yalaba abalala nabo nabagamba basenda bakole munnimiro. Kussawa kumi nemu naddayo mukibuga nasanga abasajja abalala nabo nabagamba kyekimu.

Akawungenzi bwekatuuka nagamba Nampala nti yita abakozi mbasasule empeera yabwe ngantandikiira ku b'oluvanyuma okutuuka ku basoose.

Aboluvanyuma yabawa esente emu emu. Bali abasooka nebalwooza nti ajja kubawa nyingi okusinga aboluvanyuma.

Abo abatandika olweggulo bwebajja nabo nebafuna esente emu emu. Bwebakiraba abatandiika kumakya n'ebalwooza nti balina okubawa nyingi okusingawo. Naye bwebajja okusasulwa bafuna emu emu. Amangwago nebatandika okukayana nga bagamba nti kisoboka kitya ffe okusasulwa esente zezimu naabo abatandiise oluvanyuma? Ffe tukoze omulimu ogusinga obunene ate mumusana. Omulimisa nagamba nti nze sirina kikyamu ky'enkonze, twategeraganye namwe nti nja kubawa sente emu olunaku lwonna. N'ababuza nti sikyo? Mutwale sente yammwe. Nze nsazeewo naabo abatandise oluvanyuma okubawa sente z'ezimu namwe, nze nina obuyinza okukozesa sente zange nga bwenjagala. Mukwatibbwa obugoya kubanga nkoledde bali ekisa? Olugero luno nalwo lukwata ku bwa Kabaka obw'omuggulu. Mbategeeza nti owoluberyeberye aliba waluvanyuma, n'owoluvanyuma aliba owoluberyeberye. Bangi bayitiddwa naye batono abalondemu Mat 20: 1 - 16.

Obwakabaka obwo muggulu bulinganga ekyobugagga ekyazikibwa munnimiro, olumu omuntu yakivumbula nakikweeka munnimiro. Natunda byonna byeyalina nagula ennimiro eyo Mat 13: 44 - 45.

Abo abayingira mubwakaba tebakiriza byansi eno kubaziyiza nga omugagga oli eyatunda byona olwekyobugagga ekyali munnimiro. Obulamu bwabwe bwona babuwaddeyo olwekyobugagga ekyo ekyobulamu, endowooza empya nolwessuubi elyobulamu bunobwo obugenda okujja Mat 13:44.

Obwakabaka bwa Katonda bugenda mumaaso okusinzira kuntegeka ya Katonda. Omulimi asiga ensigo munnimiro bwamala agenda nawummula, buli lunaku olukya ayimuka nakola okutuusa okawungezi. Naye zo ensigo zigenda mumaaso nokumera. Engeri gyezimeramu tewali agitegeera, omulamwa gwa kasooli guvaayo oluvanyuma olaba omunwe gwa kasooli, oluvanyuma omulimi atandika okukungula.  
Mak 4: 26 - 29

Obwakabaka obwomuggulu bulinganga akaweke ka kaliddaali akasimbiddwa munnimiro. Wadde nga katononyo kakula nekavaamu ekimera ekinene, ekiwanvu ekyomuti. Enyonyi mwezeyagalira neziwumula. Bulinganga ekizimbulukusa ekitono ekikola omugaati. Wadde nga bitabuddwa mu\_\_aano enyingi kizimbulukusa omugati gwonna Mat 13: 31 - 33.

Ekisembayo obwa Kabaka obwomuggulu bugerageranyizibwa ku katimba ko muvubi akanyikiddwa mumazzi ne kakwata ebyenyanja. Bwekajjula omuvubi akasika nakazza ku lubalama. Awo we baku\_\_aanyiza ebyenyanja ebingi nebabiteka mu kiseru, ebibi nebabisuula. Bwekityo bwekiriba ku nkomerero yensi. Bamalayika baliyawulamu abantu ababi okuva mubaana bakatonda nebabasula mumuliro omuliba okulumwa nokulaba ennaku Mat 13:47-50.

Nabatuma mutwalire abantu emikisa awatali blrungi byansi nga sente, oba obuyambi. Naye mulina ekyababulako? Temweraliikiranga byankya kubanga ebyo bijja kwekolako byokka, mmanyi nga bingi byemulina okukola buli lunaku era bimala, temusanidde kulowooza byankya. Kummwena ani ayinza okwongeza ku buwanvu bwe olwokukola emizanyo. Luk 22:35 Mat 6:34, 27.  
Mulabe ebinyonyi mubbanga, tebyeraliikirira, tebilwaawo kwebaka nga birowooza kubyenkyo. Kitamwe ali muggulu abitegekera ebyokulya. Mwe temusinga binyonyi ebyo? Mat 6:26.

Lwaki mweraliikirira kye munayambala, mulabe ebimuli ebyomunnimiro. Byekuza byokka nekabaka Sulemani eyalina ekitibwa ekiingi teyayambalako kwefananyiriza bimuli ebyo. Obanga Katonda asobola okunyiriza ebimuli bwatyo ebikala nebyokebwa naye ate mmwe lwaki muba nokukiriza okutono?

Nolwekyo mulekerawo okwogera nti tunalyaki, tunanywaki, tunayambalaki. Ebyo byogerwa abo abatakiriza. Muwumule mumwoyo. Kitammwe ali muggulu amanyi bulungi nti ebintu bino byonna mubyetaaga. Mulekerawo obutakiriza.

Naye musooke munoonye obwakabaka obwomuggulu, nobutukirivu bwakatonda ebyetaago byammwe byonna bigenda kumalibwawo Mat 6:28 - 33.

### **ETTEKA EKKULU**

*Etteeka elisinga obukulu mumateka gonna lyelino nti oyagalanga mukama Katonda nomutima gwo gwonna nemmeemeyo yonna, namagezi go gonna, namaanyigo gonna. Mak 12:29 - 30.*

Etteeka eryokubiri lyelino nti oyagalanga muliraanwa wo nga bweweyagala wekka. Mako 12:31 Lev 19:18.

Lino lyetteka lyembawa mwagalanenga nganze bwenabagala. Tewali mateeka malala gasinga ago obukulu. Tewali alina kwagala kusinga kw'oyo awaayo obulamubwe kulwamikwanogye. Mako 12:31.

Oyo akola ekirala okuva kumateeka gano tagenda kubalibwa nakatono mubwakabaka. Naye oyo agatukiriza nayigiriza nabalala essanyu eriri mukugakola aliyitibwa wa kitibwa mu bwakabaka bwo muggulu. Mbabulidde ebintu bino, essanyu lyammwe libeere mubujuvu Mat 5:19, Yok 15:12, 13

Mubutufu mwawulira abagambanti yagalanga muliranwawo okyaawe omulabewo, naye kati mbagambanti mwagale balabe bammwe mubasabire emikisa abo ababakolimira, mukole bulungi abo ababakyawa, mubasabire abo ababanyooma era ababayigganya. Bwemunakola bwemutyo mujja kuyitibwa baana ba Katonda ali muggulu. Kubanga y'omu ayasa omusana eri ababi nabalungi era yatoonyesa enkuba eri abatukirivu nabatali. Bwe mwagala ababagala muba mukoze ki? Nababi bagala babi banaabwe. Bwemukwatibwa ekisa mikwano gyamwe gyoka munafuna mpeera ki? Mat.5:43-47.

Mwagalanenga nganze bwenabagala. Bwemunakola kino mujja kuba bayigiriza bange kubanga okwagala kwamwe sikwa bukuusa. Temulimbibwanga, omuntu yenna bwaba nga anjagala mumazima namwe muja kukiraba. Omuntu oyo obulamu bwe buja kuba bwanjawulo, era aja kuweebwa omukisa aja kuberanga wamu nekitange. Bwemuwuliriza kyenjogera nemukikola muja kwagalibwa kitange era nange. Tujja kujja tubeere mumitima gyamwe. Yok 13:34, 35. 14:23.

Kitange abaagala kubanga munzikiriza era mukimanyi nti nava eri Katonda. Mweyongere bwemutyo. Mukwate ebigambo byange muja kusigala nga mwagalibwa. Nze nkuuma ebiragiro byakitange nensigala nga nkyayagalibwa. John 16:27, 15:9.

Omuntu omu yatambula okuva mu Yerusalemi, okugenda e Yeriko. Bweyali nga atambula n'agwa mubatemu, nebamwambula, nebamukuba nebamuleka nga abulako katono okufa. Kabona yali atambula namulaba nasalawo okusala oluguudo namwebalama.

Akaseera kayitawo katono munaddiini najja namutunulako navaawo mangu ago.

Ekyaddirira omusamaliya eyali agayibwa naye najja. Bweyamulaba nakwatibwa ekisa, nayuza ekizibawo kye nasiba ebiwundu bye, ngayiwako amafuta n'eddagala eritta obuwuka. Namuteeka kundogoyi ye namutwala muddwaliro nabasaba bamujjanjabe.

Kumakya ng'atanaddayo ka nagenda nasasula sente, endala nazisuubiza okuzireeta nga akomyeewo. Muloowoza kubonsatule ani yali muliraanwa wooyo eyagwa mubatemu?

Mugende mukole nga oyo omusamaliya. Luk. 10:30 - 37.

**EKITUNDU EKYOKUSATU**  
**EBYOKUYIGA EBIKULU**

## ENJIGIRIZA

*Buli awulira ebigambo byange n'abikola aba mugezi era aba azimbye kumusingi ogw'olwaazi.  
Mat 7:24 - 27.*

Enkuba ettonya era amazzi negalaala omuyaga neguyuuza enyumba naye netagwa kubanga ezimbiddwa kulwaazi.

Naye buli muntu awulira ebigambo byange ebyobulamu nabigaana aba azimbye ku musenyu nga gwemusingi gwe. Enkuba ettonya, amazzi ne galaala, omuyaga ne guyuuza enyumba ne saanawo, era ekigwo kyaayo kyewunyisa abantu. Mat 7:24 - 27.

Abantu babiri bagenda mu kanisa okusaba. Omu ngawamalala, yetukuza, omulala nga muwooza era nga talina bwesigwa. Owamalala nasaba esaala ng'agamba nti, webale Katonda kubanga nze siri mwonoonyi ngabalala naddala siringoyo omuwooza gwendaba munsonda. Siri munyazi siri mwenzi, nsiiba emirundi ebiri mu ssabiiti era mpayo ekimu ekyekumi mu kkanisa.

Naye omuwooza yasigala eri emabega wekkanisa ngatasobola nakutunula waggulu ngasaba. Nasaba nagambanti Katonda onkwantirwe ekisa nze omwonoonyi atasaana.

Kambategeeze nti oyo omuwooza eyategeera ekisa kya katonda yaddayo eka ngamuwewufu mu mutima gwe era ngasonyiyiddwa. Abo abamalala abegulumiza balitoowazibwa naye abo abetoowaza baliba waggulu webizibu byensi eno, era balituuzibwa mukifo ekyomukisa eky'ekitiibwa. Luk 18:10-14

Muleke abaana abato bajje gyendi temubaziyiza kubanga obwakabaka obwomugulu bwaabo abalina emitima emyesigwa. Awatali kuba nabwesigwa nga obwa baana tewaliba ayingira Muggulu Luk 18:15 - 17

Buli yenna alondawo okukola kitange byayagala ajja kuvumbula oba ddala bye njigiriza bya Katonda oba mala gayigiriza byange kubwange. Enjigiriza yange siyange naye y'oyo eyantuma. Yok 7:17, 16

Ensi esinza mungeri yakizibe kyamaaso, kale kale ko ffe abayudaya tumanyi kyetusinza era n'obulokozi bwensi buva mufu. Munzikirizze, ekiseera kijja era kituuse abantu abalisinza Katonda tebagenda kudduka ngabadda wano newali ngabanonya katonda wasanide okubeera ngabagamba nti wuno, wuno wano wetusanira okusabira.

Abasinza abatuufu balisinza Katonda mumwoyo ne mumazima. Katonda Kitaffe ayagala abo abasaba mungeri eyo. Abantu basanidde okusinza nokutendereza oba tebasobola amayinja galikikola Yok 4:2 - 24. Luk 19:40

Osanga mwasomako nti Daudi Kabaka nabasirikale be baali balumwa enjala nebayingira mu Yeekaalu nebalya omugaati omutukuvu ogwali ogwa ba kabona ekintu ekyali kigaanibwa mumateeka g'eddiini.

Singa mwali basomi bamateeka gaba ebbulaniya mwandibadde mukitegeera nti ku ssabiiti bakabona abakola mu Yeekaalu bonoona olunaku lwa ssabiiti songa ate tebanenyezebwa. Waliwo ebintu bingi nyo

ebyomugaaso ebisinga amateeka ga Yekaalu.

Singa mubadde mutegeera amakulu ge kyawandikibwa kino "Nandimaze gaba n'okusasira okusinga okuwaayo ekiwebwaayo" mwandibadde temukyanenya batalina musango kubanga omwana w'omuntu ye Mukama wa ssabbiiti.

Singa ensolo gyolabirira egudde mukinya kulunaku olwa ssabbiiti tewandikoze kyonna kyosobola okugigyayo? Obulamu bwammwe tebusinga muwendo? Temulwooza kukintu kyonna ekyokukola kussabbiiti, mulwa mu Yeekaalu ngamukola emikolo nobulombolombo, naye lwaki munnenya olwokuwonya ku lunaku lwamukama. Mulituusa wa okunjogerako bwenkola ekintu. Mutandike okusala emisango egyensonga. Ssabbiiti yateekebwawo kulwammwe so silwamme olwa Ssabbiiti Mat 12:3 -12, Yok 7:23,24.

Nzize muni muno abazibe batunule naabo abewaana nti balaba bategere nti bazibe Yok 9:39.

### **EMIKISA**

*Bawereddwa omukisa abawulira ekigambo kya Katonda nabakigoberera. Luk 11:28, Mat 24:46*

Bwemukola bwemutyo, munagezebwanga kumuddu, Mukamawe gweyasaanga nga akola byayagala Mat 24:46, Luk 11:28

Bawereddwa omukisa abeesiga Mukama kubanga obwakabaka obwomuggulu bwe bwabwe.

Bawereddwa omukisa abamanyiridde ennaku kubanga balizibwamu amaanyi era balifuna okwesiima.

Bawereddwa omukisa abetaaga mubwetoowaze kubanga ensi yonna eriba yaabwe.

Bawereddwa omukisa abalumwa enjala nenyonta olwobutukirivu kubanga balikkusibwa era nebajjuzibwa.

Owereddwa omukisa bwooba nokusaasira kubanga nawe olisaasirwa.

Owereddwa omukisa bwooba omuyonjo mumutima gwo kubanga oliraba Katonda.

Owereddwa omukisa gwe aleeta emirimbe kubanga oliyitibwa mwana wa Katonda.

Owereddwa omukisa gwe anoonya obulokozi kubanga olifuuka mutuuze mubwakabaka obwomuggulu.

Owereddwa omukisa bwobonabona nolaba okulumwa olwokokola byenjagala. Sanyuka era buuka nessanyu kubanga omugabo gwo guliba munene muggulu. Mungeri eyo babonyabonya abatukuvu abedda. Mat 5: 3 - 12.

Ng'ate kyamukisa munene nyo eri abo abatandabangako nebakkiriza era nebaba nokuneesiga. Amaaso gammwe galina omukisa kubanga galaba ebyamazima namatu gamwe kubanga gawulira ebyamazima.

Yok 20:29

Mujje mmwe abawereddwa omukisa Kitange, musikire obwakabaka obwabategekerwa okuva ensi lweyakolebwa netekebwa kumusingi. Mat 25:34.

### **AMAANYI AGALI MUKUSABA**

*Naguno gujwa temusabanga kintu kyonna mulinya lyange. Musabe muliweebwa mube nessanyu lingi Yok: 16:24*

Ogenda ewamukwano gwo nomugamba nti mpolayo emigaati esatu. Nina abagenyi abavudde ewala sirina kantu.

Ye nakuddamu nti tontawanya, ffe twebase nabaana bange, siyinja kukuyamba. Kankutegeeze newankubadde nga mukwanogwo oyo taja kuzuukuka, bwonoyongerera okumutawanya ajja kuzukuka akuwe emigaati gyoyagala.

Genda mu maaso, saba kijja kukuwebwa, noonya ojja kuzuula, konkona oja kugulibwaawo kubanga buli asaba aweebwa, anoonya azuula era akonkona olugi aggulirwaawo. Luk 11:5 - 10.

Mukibuga ekimu mwaalimu omulamuzi omuzibu nga tatya Katonda era ngatafaayo kubaliraanwabe. Mukibuga ekyo kyekimu mwalimu namwandu eyagenda ewomulamuzi ono entakera ngayagala amuyambe atunule munsongaze nomuntu omulala. Omulamuzi ono teyamufaako okumala ebbanga ddene naye oluvanyuma yeddamu nagamba nti wadde sitya Katonda, wadde sagala kuyamba naye namwandu ono kamuyambe kubanga antawanyiza nyo nomusango gwe.

Katonda talisalirawo bantu be abamukabirira buli kaseera. Mulwooza alibagoba? kambategeeze nti agenda kubalamula mangu. Ekikulu ekiri mubigambo bino kyekino: Nze Kristo bwendikomawo ndisangawo abakiriza kungsi kuno? Luk 18:2 - 8.

Sitegeeze nti okusaba kwammwe kutekwa kubeera kwalutentezi. Nabantu bensi basaba bwebatyo ngabalooza nti bajja kuwulirwa ngabogera ebigambo ebingi. Temubagegenya ng'abo. Mujukire nti kitammwe amanyi byemwetaaga nga temunaba nakusaba Mat 6:7 - 8, Isa 56:7.

Nnabbi Isaya yawandiika nti enyumba yange ejja kuyitibwanga yakusaba Mat 21:13.

Nolwekyo musabe kitamwe awuliriza okusaba kwammwe era nasasula mulwaatu. Buli kyonna kyemunasabanga Kitange mulinya lyange ajja kukibawa. Obulamubwammwe bwebubeera munze nebigambo byange nebibeera mumitima gyammwe, musabe kyonna kyemwagala kijja kubawebwa Mat 6:6, Mk 11:24

Musabe bwemuti; Kitaffe ali muggulu ensi zonna zikutendereze, zitegere nti gwe Katonda weka omutukuvu. Tuwe emmere eyokutubeezawo era otusonyiwe ebyonoono byaffe nga bwetusonyiwa abo abatwonoona, tuziyize okugenda mukwonoona era otukume okuva eri omubi.

Kubanga obuyinza, nekitibwa byonna bibyo emirembe gyonna. Bwekityo bwekiri.

## **OBUGAGGA OBULI MUGGULU**

*Kolera munno kyewandyagadde ye akukolere. Luk 6:31.*

Waliwo omusajja nagagga eyayambalanga amajolobera era nga obulamu bwe budibuuda olwebintu ebingi byeyalina.

Mukibuga kyekimu mwalimu omusajja lunkumpe ngabamuyita Lazaalo eyatuulanga kuluuggi lwa Nagagga. Yalyanga obukunkumuka obwaavanga kumeeza ya nagagga ono. Embwa zikireresi zezaali mukwano gye zokka.

Ekiseera kyatuka Lazaalo naafa natwalibwa bamalayika mumikono gya Ibulayimu. Ekiseera kitono ne Nagagga naye naafa era nazikibwa.

Mu geyeena nagagga nayimusa amaasoge mubulumu nalaba Ibulayimu walako ngali ne Lazaalo amuwambaatidde. Muddoboozi eryomwanguka nawowogana nti Ibulayimu nyamba. Tuma Lazaalo ajje gyendi. Leka Lazaalo anyike olunwe mumazzi ampozewoze. Obulumu bwomuliro bundi bubu.

Naye Ibulayimu naddamu nti jjukira mwana wange mubulamu walina ebintu ebingi naye nga Lazaalo ali mukubonabona. Kakati ye ali bulungi ggwe oli mubulumu. Ate kankutegeze nti wakati waffe waliwo olukoonko olutatukiriza kujja eyo, era naawe toyinza kujja eno gyetuli.

Bweyawulira ebigambo bino nagamba Ibulayimu nti nkwegayiridde tuma Lazaalo ewaffe eka eriyi baganda bange bataano abalabule baleme kujja eno gyendi. Ibulayimu naddamu nti waliyo Musa nebanabbi, bawulire abo.

Naye nagagga nagamba nti tumayo omuntu okuva eno yanaasinga okubanyonyola bennenye. Ibulayimu naddamu nti oba tebayinza kwenenya nga Musa ne banabbi babategeezeza, tebajja kuwulira nebwetunatuma ava eno gyetuli okubalabula. Luk 16:19-31.

Tewali kyoganyulwa bwoyamba oyo gwosuubira okukuyamba. Nebakondo nabo bawola sente zaabwe ngabakimanyi bulungi nti bajja kusalwa. Mbategeeza kakaano nti wa oyo ajja gyoli ngatasubira kukuddizawo nate. Era osonyiwe newankubadde omuntu ngoyo akulimbyelimbye bulimbilimbi.  
Luk 6:34, 30.

Abaavu bwebagaba basiinga nyo abagagga abawaayo kubifikiridde. Abaavu bawaayo kubitono byebalina olwomwoyo ogwo kwagala gwebalina. Mak 12:43, 44.

Ngakizibu nyo eryaabo abalina omululu gwe sente okuyingira mubwakabaka bwa Katonda. Kyangu nyo e\_\_amira okwenyigiriza mukatuli kempiso okusinga omugagga okuyingira mu bwakakaba bwa Katonda. Mak 10:24, 25,27.

Temuterekanga byabugagga muttaka enkuyege nobutalagge mwebiyinza okubyonenera era ababbi oluusi mwebayinza okubibbira. Naye mutereke ebyobugagga bwammwe muggulu etali nkuyege nabutalagge, etali babbi namigozoobano ebiyiinza okubyonoona. Gyotereka ebyobuggaga byo, eyo omutima gwo gyegubeera. Mat 6:19 - 21.

Abamu mukola ebingi kubanga mwagala okusiimibwa abantu. Ebyo tebigenda kusasulwa Kitamwe ali muggulu. Bwemugaba temuba ngabanafunsi abakuba ebidde mu makkanisa nemunguudo ngabeyogerako. Abo bamaze okufuna empeera yaabwe. Mat 6: 1 - 2.

Tokkiriza namukonogwo ogwakkono okumanya ogwaddyo kyegukola. Mugabe mukimpooweze ate mukyama era kitamwe ali muggulu alaba mukyaama alibasasula mulwaatu. Mat 6:3 - 4.

Muyige okugaba era nammwe muligabirwa ekisukiridde kye mutasubirangako. Ekigera kyemugerera banamwe namwe kyemunagererwanga. Luk 6:38.

Waliwo omusajja eyafuna ebyobugagga ebingi. Nalowoza mumutima gwe nti bino byonna nabiteekawa. Nasalawo okumenya amaterekero geyalina nazimba amanene agasiingawo. Olwo nalwooza nti ebintu bye byonna agya kubiteeka omwo atandike okulya, nokunywa nokusanyuka.

Naye Katonda namugamba nti musirusiru ggwe tomanyi nti ekiro kyaleero obulamubwo bujja kukugibwaako. Bwonoaawo ebyo byonna binaaba byaani.

Bwekityo bwekiri eri abo abalina ebyobugagga ebyensi eno naye nga sibagagga mu Katonda. Kyamugaso ki okubeera ne bintu byonna ebyomunsi nga bijja kuletera okufirwa obulamubwo? Luk. 12:16 - 21.

### **OKUKIRIZA OKUSIGULA ENSOZI**

*Okuweebwa kwammwe kujja kusinziranga ku kukkiriza kwammwe. Mat. 9:29*

Bangi balijja munnaku ezoluvanyuma, okuva mubuli nsonda y'ensi, nebayingira mubwakabaka obwomuggulu. Naye abo abeyita abatukuvu, abaloozanga nti bebalisooka naye ate ngobulamubwabwe temwali kukkiriza, tebaliyingira. Mat. 8:11 - 12.

Ababiri bwebakkiriza mukintu, okusaba kwabwe kugenda kuddibwamu kitange owo muggulu kubanga awabeera ababiri oba abasatu ngabakunganye mulinya lyange nange mbeerawo. Mat. 18: 19 - 20.

Obubonero buno bunagendanga naabo abakkiriza. Mulinya lyanga munaagobanga emizimu, munayogeranga ennimi, emisota oba ebintu ebyobusagwa tebibakolengako kabi, munateekanga emikono gyamwe kubalwadde nebawoona. Mk. 16: 17, 18.



Nebwemunabanga nokukkiriza okutono enyo, munagambanga ensozi nti ziveewo, nezivaawo. Bwemukiriza nti kino kisoboka ngatemubusabusa buli kyonna kyemunasabanga kinakolebwanga.

Kyenva mbagamba nti, buli kyonna kyemunayagalanga mukkirize nti kibawereddwa. Nga bwemutemberwa omwoyo (Mat. 17:20) ebizibu byemusanga kungsi bingi binawangulwanga namaanyi agomuggulu, era buli kyonna kyemunakkirizanga kungsi bwekityo bwekinabanga. Mat. 18:18.

Temutya okuva leero naye mukkirize buli kintu kyangu eri oyo akkiriza. Mak. 5:3, 9:23.

### **OBUGUMIKIRIZA, OKUSASIRA, NOKUSONYIWA**

*Bwosonyiwa akatono, oyagalibwa katono.* Lk 7:47, Lk 7:41, 42

Omuntu omu yakebera ebitabo bya mikwanogye babiri abamwewolako ensimbi. omu yamwewolako ebitundu bya zaabu bitano, omulala ebitundu bya zaabu ataano. Bweyalaba ngatebasobole kumusasula bombi nabasonyiwa. Mulwooza kubombi ani yasinga okwebaza? Lk 7:41 - 42.

Mungeri yeemu ekiseera kyatuuka Kabaka omu yatuusa ekiseera ekyokukebera ebitabo bye ebyensimbi. Omu kubaddu be yaletabwa gyali eyalina ebbanja ery' ebintu bya zaabu omutwaalo gumu. Olwokuba kyali kizibu nyo omusajja ono akusasula sente zino, Kabaka yakozesa eteeka ekaambwe nti owengeri eno amaka ge gonna galina kuwambibwa, abantu be bafuuke baddu nebintu bye byonna bitundibwe. Munaku eyekitalo omusajja oyo yagwa wansi nakabirira Kabaka namugamba nti mukama wange era Kabaka wange, nkusaba ongumikirizeeko njakusasula byonna.

Kabaka yawulira enyiike, nasonyiwa omusajja ano namugamba nti genda. Omusajja byeyali atambula nasanga mukwano gwe eyalina ebbanjalye elya zaabu ataano. Mukifo kyokusaasira omuntu ono yamukwata namunyiga emimiro ngabwawogana nti mpa sente zange.

Mukwanogwe yafukamira wansi namwegayirira ngabwagamba nti nsasira njakusasula sente zo zonna. Naye abanja teyawuliriza, namutwala mu kadukulu bamusibe okutuusa nga asasudde sente zze.

Ekyomukisa omulungi waliwo abaamulaba ngakola kino nebagenda nebabuulira Kabaka. Kabaka natumya omusajja ono namugamba nti musajja ggwe ngooli mubi. Nze nakusonyiye ebbanja eryenkanidde awo kubanga wa negayiridde naye ggwe tosobodde kusonyiwa muno gwobanja obusente obutono. Bweyamala okwogera ebyo nagamba basajja be nti mumutwale mumusibe okutusa lwalisasula ebbanja lyange lyonna.

Bwatyo Kitange ali mugulu bwalibakola bwemuligaana okusonyiwa aboluganda okuviira ddala kuntobo ze mitima gyammwe. Mat 18: 23 - 35.

Tolwooza nti ojja kusonyiwa mirundi musanvu gyokka naye nsanvu emirundi musanvu. Mubeere nemirembe mweka namweka era nabalabe bamwe. Okuyombagana buli kaseera kuleeta mitawaana gyokka, nga okugenda mu kooti, mukadukulu nokusibwa. Mk 18:22, 5:25

Mujjukire enjogera eno liiso ku liiso, linnyo kulinyo. Naye kati mbagamba nti omuntu yenna bwakukubanga kuluba, kyusa nolulala alukube. Omuntu bwakujangako ekizibaawo kyo, nesaati nayo gimuwe. Omuntu bwakugambanga nti mperekerako mailo emu olwempaka muwerekereko mairo bbiri.

Bawe abo abakusaba. Togaananga kuwuliriza omuntu bwajjanga gy"oli ngalina kyeyetaaga. Mat 5:38 - 42.

Bwoyimiriranga mukifo okusaba kikole ngolina omutima ogwagala okusonyiwa nga kitaawo owomuggulu bwakusonyiwa. Bwotwalanga ekiwebwaayo mukkanisa nojjukira nti waliwo owoluganda gwolinako ekkoonda kirekaawo ku wolutaali oddeyo mumale okusonyiwagana. Owoluganda bwakusobyanga, genda gyali mukyaama omubulire. Bwakuwuliriza ng'omaze okumununula. Mk 11:25, 5:23.

Laba nga osonyiwa ebikyaamu ebikukoledwa, obulamu bwo bujja kujjula obusaasizi nekisa. Mat 6:14

### **OBULAMU OBUBALA EBIBALA**

*Abantu munabamanyiranga kubibala ebikula mubulamu bwaabwe. Mat 7:16.*

Muli munnyo gwansi. Omunnyo bweguggwaamu ensa guba gukyayinza gutya okuyitibwa omunnyo? Guba gusigalidde kusulibwa nakulinyirirwa. Mwali munoze emizabibu kumiti egya maggwa? oba enkomamawanga ku maggwa? Omuti omulamu teguyinza kuzaala bibala bibi. Era omuti omuuvundu teguyinza kubala bibala biraamu. Bwekityo omuti omulungi gubala ebibala birungi nomuti omuuvundu gubala ebibala bibi. Buli muti ogubala ebibala ebibi gutemebwa negufulibwa enku. Abantu beyisa mumpiisa zaabwe olwebibala ebibavaamu. Mat 5:13, 7:17 - 20.

Omuntu yasimba omuti ogwenkomamawanga mu nnimiro ye. Namala emyaka esatu ngalindirira ebibala byaagwo. Naye tewaali nekibala nekimu kyeyafuna. Kwekulagira omukozi nti aguteme kubanga gumala bbanga lyabwerera munnimiro. Naye omukozi namudamu namugamba nti, mpaayo omwaka gumu ngulimirire ngatekako ebijimusa osanga gulibala ebibala. Bwegulitabala oligutema. Luk. 13:6 - 9.

Obulamu bwamwe bwebuzaala ebibala, kitange aweebwa ekitiibwa era muba batume bange abanamaddala. Omuntu omulungi avaamu ebibala birungi era nomubi avammu ebibala bibi. Yok 15:8, 12:35.

Omulimi yagenda munnimiro okusiga, bweyaling'asiga ensigo ezimu nezigwa kumabbali gekkubo ennyonyi nezijja nezizirya. Ensingo ezimu zaagwa kulwazi awataali ttaka limala. Zamera naye olwokuba tewali ttaka limala, emirandira tegyagenda wala nezikala. Ensigo ezimu zaagwa kumagwa, amagwa negazikonvubya. Naye ezimu zaagwa kuttaaka eddungi era nezibala ebibala, endala emirundi kikumi, endala emirundu nkaaga ne endala emirundi asatu.

Omuntu bwawulira ekigambo kya Katonda natakitegera omulabe ajja nabba ekigambo ekyo; eyo yensigo eyagwa kumabbali gekkubo. Ensigo eyasasana kulwazi beebo abantu abawulira ekigambo era nebakikiriza naye nga tebalina mirandira gyammizi. Emitawana nokuyiganyizibwa bwebijja olwokukiriza Katonda babivaako.

Ensigo eyasigibwa mumaggwa beebo abantu abawulira ekigambo kya Katonda, naye olwe misoso gyensi eno nokwagala obugagga bwe biyitirira, ekigambo kikonvuba mubo nebatazaala.

Ensigo eyagwa kuttaka eddungi beebo abantu abawulira ekigambo nebategeera obubaka obukirimu. Obulamu bwaabwe buzaala amakungula amangi agemirundi kikumi, nkaanga oba asatu kweezo ezasimbibwa. Mat 13: 3, 8: 18 -23.

### **EMBEERA YOBULAMU NOKUWONYA OKWOMUBIRI NOMWOYO**

*Abalamu tebeetaaga musawo naye abalwadde. Mat 9:12, Hos 6:6*

Mutekwa okutegeera kino, obusasizi kyekintu kyenjagala naye si biwebwayo. Kubanga sajja kuyita batuukirivu naye abonoonyi benjagala benenye. Mulwooza abalwadde setaani basibyeko akanyaaga sibebetaaga okusumululwa. Mat 9:12 - 13.

Kizibu okugamba nti ebibi byo bisoniyiddwa oba okugamba nti yimuka ogende? Kakati nno mukitegera awatali kubusabusa nti omwana womuntu alina amaanyi kungsi okusonyiwa ebibi. Ngamba omulwadde nti yimuka, sanyuka ebibibyo bisoniyiddwa, wegendere. Nga bwokkiriza, okukkirizakwo kukuwonyeza. Mat 9:5, 6:2, 8:13.

Musumba wangeriki alina endiga ekikumi, emu nemala emubulako, ataleka kyenda mumwenda ngazilya nagenda okunoonya eyo abuze. Endiga eyo bwagiraba tagiteeka ku kibegabega ngomutimagwe gujudde essanyu? Tayita mikwanogye nebalirwanabe n'abasaba bamusanyukireko kubanga azudde endigaye? Mbategeeza amazima essanyu eriri muggulu lisinga wala eryoyo owendiga, singa omuntu yenenya. Ate ani kummwe alina ebintubye ebyomuwendu nabuzaako kimu ekiro, atakoleza ttaala, kukinoonya?

Bwakizuula tategeeza mikwano gye nebamusanyukirako. Bwebatyo bamalayika muggulu bwe basanyuka ngomwonoonyi yenenyeza. Luk 15:4 -10.

### **OKUYITIBWA**

*Temwannonda, nze mbalonze, era nembatuma mugende mubale ebibala mubulamu bwamwe ebyoluberera Yok 15:16.*

Omuntu yalina batabanibe babiri nagamba omukulu nti genda okole munnimiro. Omwana oyo nagaana naye oluvanyuma neyeddamu nakola ngakitaawe bweyamulagira.

Oluvanyuma kitaawe ate nagamba omuto naye agende munnimiro. Omuto yakiririzaawo okugenda naye nasigala eka natagenda. Kubonna ani eyasanyusa kitaawe?  
Lwaki mumpita omulungi, okugyako ngamukiriza nti ndi Katonda? Mutegeera amateeka, Toyendanga, tottanga, tobbanga, towayirizanga, ossangamu kitaawo nenyoko ekitiibwa. Mukole bwemutyo muliba nobugagga muggulu. Mugaanye okuwa abo abetaaga ku byobugagga bwammwe nokubayamba, musazeewo kungulumiza mubigambo. Mak 10:18 -22.

Oba mwagala okungoberera muleke efubitizi nokwefaako mwekka. Mukole ebyo byembagabye mulyoke mungoberere. Abo abagala okungoberera balina okuleka embeera zaabwe ezedda. Abo abakola ekyo bajja kuzuula obulamu obugya kungsi ne muggulu. Mat. 16:24 - 25.

Waliwo Kabaka omu eyateekateeka embaga yomwanawe, byonna byonna biba biwedde natuma abakozi mu bitundu byonna ebyegwanga lye, namabaluwa okuyita abagenyi bajje kumbaga eya ssava. Naye ekyomukisa omubi, bonna beyayita nebagaana okujja. Abamu bekwasa ensonga ezitaliimu. Abalala nebakuba abakozi bano nebabatta.

Kabaka bweyakimanya, nanyiiganyo, natuma abasirikale nebakwata abantu bano, nebabatta nebokya nenyumba zaabwe. Ate natuma abakozi abalala nti bagende baku\_\_anye bonna bebasanga mungudo babaleete kumbaga. Bwebatyo abakozi nebaleta buli muntu gwebasanga omulungi nomubi ekisenge ekyalimu embaga nekijjula.

Akawungeezi, Kabaka nagya okulaba abagenyi kyoka ne yewuunya bweyalaba omu kubagenyi ngatayambadde kyambalo kyambaga ngali kummeeza. Namubuza;” yazze atya kumbaga ngatalina kyambalo,” naye nga butise matama. Kabaka kyeyava agamba abakozi nti bamusibe bamufulumye mangu.

Kambategeeze bangi bayitiddwa mu bwakababa obwomuggulu, naye batono abalondemu. Ekiseera kituuse, obwakabaka obwomugulu buli kumpi. Nze njagala mweyawule kubintu byensi eno nengeri gyeyeyisamu. Mwambale ekyambalo ekyobulokozi era mukirize amawulire amalungi. Mat 22:2 -14, Mak 1:15, Yok 15:19.

Tewali n’omu ayinza kujja gyendi okugyako nga Kitange eyantuma amuleese gyendi. Omuntu oyo ndimuzuukiza kulunaku olwenkomerero. Abo bonna Kitange bampadde bajja kujja gyendi era sigenda kubaziyiza. Yok 6:44, 37.

Mukkiriza ebigambo bino byembagambye? Mazima mbategeeza mugenda kulaba nebingawano. Yok 1:50.

Nolwekyo muyingire mumulyango omufunda kubanga omulyango omugazi gwaabo abagenda okuzikirira era bangi abagweyuna. Naye guno omufunda ogugenda eri obulamu obutaggwawo batono abagulaba. Mugezeeko nga bwemusobola okuyita mumulyango ogugenda eri obulamu obutaggwaawo. Ekiseera kirituuka abantu bangi nebasalawo okuyita mumulyango omufunda naye nga tebakyagulaba. Mat 7:13 - 14, Luk 13:24.

## **EKYOKUZAALIBWA OMULUNDI OGWOKUBIRI**

*Temwewuunya bwengamba nti muteekwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri. Yok. 3:7*

Mazima mbateegeza nti okugyako nga muzalibwa omulundi ogwokubiri temugenda kuyingira mu bwakabaka bwa katonda. Okugyako nga muzalibwa namazzi no mwoyo, temugenda kuyingira mu bwa kabaka bwa Katonda. Yo 3:3,5

Ekyo ekizalibwa omubiri kiba mubiri. Empewo enkuntira gyeyagala era tuwulira eddoozi ly'ayo naye tetuyinza kumanya gyeewa negyegenda. Bwekityo bwekiri ne kwooyo azaaliddwa omwoyo. Yok 3:6,8.

Mulwooze kukyokulabirako kino. Tewali muntu atunga ekiraka mulugoye olupya kubanga ekiraka ekipya kiyuza olugoye olukadde era ekituli nekiba kinene okusinga bwekibadde. Era tewali ateeka mwenge mupya mundeku enkadde kubanga ziyinza okwabika neguyiika era nekuba kufiirwa. Muteeke omwenge mundeku empya era zikuuma bulungi omwenge. Mat 9:16,17.

Mwe muyinza mutya obutateegera mazima agenkukunala atengamuli bayivu. Nze mbabulidde ebigambo bino nga nkozesa ebyokulabirako byemumanyi naye temutegeera kyenjogera. Kale munategeera mutya bwenababulira ebifa muggulu. Yok 3:10, 12.

Katonda teyatuma mwanawe kusalira nsi musango naye kyayagala abantu balokoke ngabayita muye. Buli amukiriza omusango tegumusinga, naye buli atakiriza gumaze okumusinga kubanga takiriza mu linnya lya mwana wa katonda omu yeka Yok 3:17,18.

Nze kuzuukira nobulamu, buli akkiriza nze newankubadde afa kungsi kuno, aliiba mulamu nate. Baliweebwa obulamu obutaggwaawo, mbabulidde emirundi mingi bwemunakiriza munalaba ekitibwa kya Katonda. Yok 11:25,26,40.

Ekigendererwa kyange kwekutukiriza ekyooyo eyantuma era nokukola omulimu gwe. Kino katonda kyayagala nti okirize masiya kitaffe gweyatuma. Yok. 4:34, 6:29.

Muwulire olugero luno; omuntu yalina batabani be babiri. Lwali lumu omuto nagamba kitaawe nti Taata mpa omugabo gwobusika bwange. Nekitaawe teyali mubi namuwa. Akaseera tekayita we kaaga omwana ono nagenda nebintu bye ewala muni.

Eyo gyeyadibuudira ebintu bye byonna mubulamu obutagasa. Oluvanyuma nga esente zimuweddeko, enjala kakongoliro negwa mukitundu ekyo. Omwana ono yesanga ngalinga omuukunseere.

Kwekusalawo okulunda embizzi za nagagga omu olwenjala enyingi, yasalawo atandike okulya ebikuta byembizzi naye nalwooza, abakozi bakitange balya emmere nebasindisa bigere naye nze ndiwano ndikumpi nokulya ebikuta byembizzi. Njakuddayo ewa kitange mugambe nti nayonoona

mumaso go ne muggulu. Sikyasaanira kuyitibwa mwaana wo naye wakiri nfuula omu kubapakasibo.

Wakati mubirowoozo, yasituka naddayo ewa Kitaawe. Naye yali akyali wala kitaawe namulaba, namukwatirwa ekisa, nadduka namuwambatira mumukwano ogwekitalo.

Omwana ono nagamba kitaawe nti Taata nyonoonye muggulu nemumasogo, sikyasaanira kuyitibwa mwanawo. Naye kitaawe teyamukiriza nakumaliriza, nakyukira abakozi nabagamba nti, mulete engoye ennungi ennyo mwambaze omwana wange. Mumuteekeko nempeta yange, mumwambaze nengatto ennungi esinga obulungi. Mutte nente yange esinga mu obusava tulye tusanyuke. Kubanga omwana wange ono yali afudde naye azuukidde, yali abuze kakati mulabye. Nebatandika okusanyuka.

Naye akawungeezi bwekatuuka, Muganda we omukulu nakomawo nekisibo ngava okulunda. Bweyatuuka okumpi nawaka nawulira oluyogaano nabantu abazina. Kyeyava ayita omu kubakozi namubuuza nti kiki ekigenda mumaaso? Omu kubakozi naddamu nti anti mugandawo eyali abuze akomyewo era kitaawo amutidde ente kubanga asanyuse nyo okumulaba.

Bweyawulira kino, omuvubuka n'asunguwala nyo nagaana nokugenda kumbaga. Kitaawe kyeyakola kwekugenda gyaali namugambanti nti, mwana wange jjangu osanyukire kumuno. Naye omuvubuka naddamu nagamba nti emyaka gino gyonna nkuwerezza nesimenya mateekago, kyokka tonkolerangayo kabaga kusanyuka nebannange, naye noddira oli eyasalawo okuva wano nomugabogwe nomukolera embaga eyenkanidde awo. Eya yonoona sente ze mubamalaya. Kitaawe naddamu nagambanti mwanawange gwe obadde nange ebbanga lyonna era okimanyi bulungi nti byonna byennina bibyo, kituufu ffe okusanyuka olwamugandawo eyali azaaye nazawuka. Luk 15:11 - 32.

Okugyako nga mukyusibwa nemufuka ngabaana abato, temugenda kuyingira mubwakabaka obwomuggulu. Omwana womuntu yajja okulokola abo abaabula. Katonda tayagala nomu kuffe okubula. Mat. 18:3, 11,14.

Kubanga Katonda bweyayagala ensi bwatyo nokuwaayo nawaayo omwana we buli amukiriza aleme okubula wabula abeere nobulamu obutaggwaawo. Kino mukikiriza? Yok 3:16, 11:26.

### **ABAYIGIRIZWA NA BAWEEREZA**

*Toyinza kukkiriza baami babiri kukufuga kubanga okyawako omu noyagala omulala. Oba omu omussaamu ekitiibwa omulala nomunyooma, toyinza kuweereza Katonda ate nosigala ngokyaali muddu wa bakatonda bensi eno. Mat. 6:24*

Ku mwenna ani ategeka okuzimba omunaala atatuula wansi nabalirira namanya oba sente zalina zimumala oba nedda. Bwekiba bwekityo kitegeeza nti otandika naye notamaliriza. Abantu nebatandika okukusekerera nti laba yali yepanka mbu azimba tebimulemye.

Nekabaka ategeka okulwana olutalo asooka kwegeyamu nalaba oba eggye lye eryomutwaalo liyianza okuwangula eggye eryemitwaalo esatu. Abawi bamagezi bwebalaba nga'tasobole kyakola

kwekutuma abakiise bagende bateese buteesa.

Nolwekyo sooka otunulire ebiby, ebiby byolina amaka, ensimbi, ne byo bugagga bwoba nga tosobode ku byefiiriza, toyinza kungoberera. Luk. 14:28 -33.

Ate kambajjukize, omuntu omwesigwa mu bitono alisigirwa bingi, n'omuntu atali mwesigwa mubitono taliba mwesigwa nemubingi. Oba tebakwesiga mubyobugagga bwensi balikwesiga batya mubyo mwoyo. Era bwemutaba besigwa kubyabannamwe muliwebwa mutya ebyamwe? Luk. 16:10 - 12.

Mbatuma ngendiga wakati mumisege, nolwekyo mube bagezi nga emisota naye ngaate mulina eggonjebwa nga ejjiba. Mat. 10:16.

Mulabye bakabaka nabafuzi abensi eno nga bwebeyisa. Bakozesa obuyinza bwabwe mungeri embi nga batikka abaavu emigugu egitetikika. Naye mwe abali mubwakabaka ekyo sibwekiri. Eyeyita omukulu kummwe atekwa okuba nga yemuweereza wa banne. Nange Kristo sajja kuweerezebwa naye najja okuwereza nokuwaayo obulamu bwange ngo'mutango olwabangi. Bwemumanya ebintu bino musanyuke ate ngamuli bakozi baabyo. Mak10:42 - 45.

Mutambulira mumusana gwekigambo kyange mubeere abayigirizwa bange abanama ddala. Temubanga bantu babulijjo, abeteekerawo amateeka era temugoberera mateeka ago, nebweriba limu bwe liti. Baagala mukole ebyobuwangwa songa ate bbo tebabisobola kubituukiriza. Baagala nyo okulabibwa mubantu nokuweebwa ekitiibwa. Baagala okutuula kumwaanjo balabike mangu era baagala bayitibwe banakinku, naye mmwe temusanidde kuyitibwa bwemutyo kubanga mulina mukama wammwe omu era mmwe muli baganda be nebanyina.

Mulekere awo okuyita abantu kitamwe, mulina kitamwe omu owomuggulu. Era temukkirizanga kubayitanga bayivu kubanga waliwo omuyivu omu ye Kristo. Oyo alowooza nti yasinga ku mwe atekwa okusooka okuba omuweereza wamwe kubanga abo abetoowaza baligulumizibwa. Yok. 8:13 ne Mat 23:2 -12.

Kristo bwalikomawo mukitibwa kye nebamalayikbe, alituula ku twekobe eyekitibwa eyomuggulu. Era mu maasoge waliku\_\_aanira amawanga gonna, nalyoka ayawula buli muntu okuva kumunne nga omusumba bwayawula endiga okuva kumbuzi. Endiga zirituula ku mukono ggwe ogwaddyo, embuzi nezituula kugwa kkono.

Era aligamba abo abali kuddyo, nti mujje gyendi mmwe kitange beyawa omukisa, muyingire mu busika bwobwakabaka obwabateekerwatekerwa okuva ensi lwe yatondebwa, Kubanga bwenalumwa enjala mwampa emmere, bwenalumwa enyoota mwampa amazzi nenywa, nali mutambuze ne mumpa awokusula, ngasirina kyenambala naye nemumpa engoye. Bwenalwaala mwanzi jjanjaba, era bwebansiba mukkomera mwanambulanga.

Abatuukiri vu mubuwunikirivu balimubuuza nti twakulaba ddi ngolimuyala netukuwa emmere, ng'oli muyonta netukuwa amazzi, ngo limutambuze netukuwa awokusula, ngolibukunya netukuwa engoye, ngoli mulwadde netukujjanjaba era nga oli mukkomera netukulambula? Ye alibaddamu nti mazima

mbategeeza nti nga bwemwabikolera abantu bange abaali mubwetaavu mwabikolera nze.

Naye abo abali ku mukono ggwe ogwa kkono, alibagoba waali ngagamba nti muve wendi, kubanga bwenali omuyala mwananyima emmere, bwenabasaba amazzi mwaganyima, bwemwandaba nga ndaaga nonya awokusula mwangoba bugobi, saalina kyennezza kumubiri temwampa kagoye, nalwaala nembulako ajja okundaba, bwebansiba mwesulirayo gwanaggamba. Olwo nno nebamubuuza nti ebyo byonna byoyogera twabikukola ddi? Ye nabaddamu nagamba nti nga bwemutafaayo kuyamba bantu baali mubwetaavu, nze gwemwabikola.

Amangu ago abantu abo nebasindikibwa mu kubonaabona, naye abatuukirivu nebatwaalibwa mukifo ekyokwesiima ennaku zonna. Mat 25:31 - 46.

Mumpita mukama wammwe era mulibatuufu, naye oba nga nze Mukama wammwe, njagala mwetoowaze muwerezeganyenga, kubanga nze mbalaze ekyokulabirako, mukole nga nze bwenkoze. Yok. 13:13 - 15.

### **EKIRAGIRO EKIKULU**

*Muleke abo abafu mumwoyo bakole ebyensi, naye mmwe abomwoyo mugende mumaaso nokubulira obwakabaka obwomuggulu eri abantu ababwetaaga. Mat. 6:24.*

Amakungula manene agabolekedde, naye ekyomukisa omubi abakunguzi batono ddala. Musabe Katonda aleete abakunguzi bangi. Tewali muntu atandika okulima natunula emabega. Bwekityo bwekiri omuntu tayinza kuyingira mubwakabaka obwomuggulu bwataba nakukiriza. Luk. 10:2, 9:62.

Mwe abanzikiriza, mulikola emirimu egyo gyenkola nze nokusingawo, kubanga nina okuddayo ewa kitange muggulu, oba mwagala okumpereza, mungoberere, era gyendi nammwe abakozi bange gyemulibeera era Kitange alibawa ekitiibwa. Yok. 14:12, 12:26.

Mugende mulangirire nti obwakabaka obwomuggulu bubajjidde. Muwonye abalwadde, abagenge, muzuukize abafu, mugobe emizimu, mujjukire byembagambye, obulamu mufunye bwabwereere, namwe mukolere bwereere. Mat. 10:7,8.

Bwemuba nga temuli bange, muli balabe bange, era buli ataku\_\_aanyiza wamu nange asaasaanya. Mat. 12:30.

Bwemuyitibwanga munju yomuntu, mumusabire omukisa, mugambe nti emirembe gibe kumaka gano, abo abali mumaka ago bwebakiriza, emikisa ginabawebwanga, era bagenda kuganyulwa, naye bwebatakirizenga, emikisa gyammwe ginabaddiranga.

Temugaananga kusembezebwa, naye ngamwegendereza obutaleka kibatutte, mulye munywe musanyuke kubanga omukozi asaanidde okulya. Luk. 10: 5 -7.

Oyo ayaniriza gwentumye, aba ayaniriza nze era abo abanyaniriza baba baniriza kitange eyantuma. Yok. 13:20.



Mbalabula, waliwo abantu abali bagaana okwogera abalibatwala nemu kooti, era nebabayisa bubi, era nebagala musibwe. Olwobubaka bwange balibayita okuwa obujulizi mubantu abatakkiriza, abafuzi, bagavana ne bakabaka.

Bwebabawabiranga mu kooti, temutya nti temulina byakwogera. Ebyokuddamu biribawebwa mu kaseera ako keniyini. Temwesiganga bigambo byammwe kubwammwe, omwoyo wa Katonda alyogeranga mu mmwe. Mujjukire mubwakabaka obwensi, temuli muddu asinga kabaka we, oba banjigganya, nammwe balibayigganya ngabababonereza olwokuba nze. Kubanga tebamanyi oyo eyantuma munsu. Naye bwebanakirizanga obubaka bwemututte bajjanga kubawuliriza era babagoberere. Mat. 10:17 -20.

Singa sakola byamagero bisukkiridde mubo, bandibadde tebamanya butasobola bwabwe. Naye abo abagaana amazima balabye ebya magero, bankyaawa era bakyawa kitange. Naye bino byonna bikoledwa obunabbi butuukirire obugamba nti bankyaawa awatali nsonga. Yok. 15:22 - 25.

Ndeese muliro kunsu. Nga njagala okugulaba nga gwaka. Mulwooza nti najja kuleeta mirembe nabukakkamu? Nedda nakatono, najja kuleeta kwawukana, okuva leero munju bwemunaabangamu abantu abataano, abasatu baneyawulanga kubabiri, nababiri baneyawulanga kubasatu. Luk. 12: 49 - 53.

Ensi bwenekukyawanga, jjukira nti yasooka kukyawa nze, bwebanakuyigganyanga mu kifo, Vvaawo ogende mukirala. Ebifo byonna togenda kubimalayo nga Yesu tannadda. Ekibuga bwekikugaana ggwe oba okuwuliriza obubaka, kunkumula enfuufu yomubigerebyo mu kibuga ekyo. Tegeera kino nti kulunaku olwenkomerero abomukibuga omwo baligamba nti senga twaali mu Sodoma ne Gommola okusinga okubeera mukibuga ekyo. Mat. 10:23.

Bwemunakopanga ensi, ensi egenda kubagala. Naye bwemunagobereranga amakubo gange, ensi eribanyooma era nebakyawa. Yok. 15:19.

Awulira ebigambo byemwogera awulira nze, era naabo ababanyooma olwebigambo byemubagamba banyooma nze. Mukugaana nze baganye kitange eyantuma. Mugumiikirize ebyo byonna olwelinnya lyange. Temutya mugende mumaaso mulilokolebwa. Luk. 10:16 Mat 10:22

Ebigambo bino mbyogedde nga njagala mutegere nti bwemuba munze, nemugoberera ebigambo byange, munafunanga emirembe. Munsu eno mulimu okulumwa nemitawaana, naye mube basanyufu nze ensi nagiwangula. Yok. 16:33.

### **OKUSABA KWA KRISTO OLV'ABAYIGIRIZWA BE**

*Taata essaawa etuuse, weesa omwanawo ekitibwa naye akuweese ekiitibwa, kubanga omuwadde obuyinza kubuli musajja nomukazi ali kunsu, abawe obulamu obutaggwaawo abo bomuwadde. Yok. 17:1 - 26.*

Buno bwebulamu obutaggwaawo, okumanya ggwe katonda omu yekka owamazima ne Yesu kristo

gwewatuna. Nkusizaamu ekitibwa kungsi bwemmaliriza omulimu gwe wantuma okukola. Kakati taata laga ekitibwa kyange nganyimiridde mumaaso go, ekitibwa kyenalina muggulu nga nensi tenabaawo. Maze okukulaga abantu bompadde muni, baali babo era nobaampa, era bawulidde ebigambo byo ebyobulamu obutagowaawo. Bategeredde ddala nti byonna byembaletedde bivudde gyoli. Mubwesigwa mbawadde ebigambo byewantuma okubagamba, era bakkiriza, bategeredde ddala nomutima gwabwe nti nava eri Katonda, ggwe wantuma gyebali.

Sisabira nsi yonna, naye abo bompadde kubanga mumazima babo. Bonna abanzikiriza babo era banzisaamu ekitibwa kati. Nzijja gyoli muggulu naye abo abanzikiriza basigala muni. Bakuume namaanyi agelina lya bonna babeere ekintu kimu ngaffe bwetuli ekintu ekimu.

Bwenali nkyali nabo muni, nabakuumanga namaanyi gali gewampa. Nabetoolola era tewali nomu eyambulako okugyako oyo ebyawandikibwa gwebyogerako, bisobole okutuukirira. Kakati nzijja gyoli, naye nkusaba ompe bino nga kyaali muni basobole okutegeera nti babo.

Mbawadde ekigambo kyo era ensi ebakyaye, kubanga tebakyaali bakizikiza kyensi eno nganange bwessiri. Sikusaba ku baggya muni naye nkusaba obakuume okuva eri omulabe. Bafuuke abatuukirivu namazima go kubanga ekigambo kyo gemazima.

Nga bwe wantuma muni nange mbatuma, mbasabira olwobulungi bwabwe babe batukuvu bakule mu mazima. Sisabira abo bokka naye era n'abo abagenda okukiriza mummyaka egigya. Bonna babe nomutima gumu, nendowooza emu nganze nawe bwetuli. Babe mufte ensi eryoke emanye nti ggwe wantuma.

Mbawadde ekitiibwa kyewampa, babe omuntu omu ngaffe bwetuli omuntu omu. Ku kino ensi kwerimanyira nti ggwe wantuma. Era obaagale nga bwewayagala nze. Olunaku lumu balibeera nange nebalaba ekitiibwa kyange kyewampa okuva kuntandikwa yensi eno.

Kitaffe omulungi era owamazima, ensi tekumanyi naye nze nkumanyi, era abo abanzikiriza bamanyi nti gwe wantuma. Nkubalaze era nja kwongera okubakumanyisa nokwagala kwolina gyebali kubeere mumitima gyabwe era nange mbeerenga mubo. Kibeere bwekityo. Yok. 17: 1 - 26.

## **EKITUNDU EKYOKUTAANO**

### **OMULEMBE GUNO**

*Buli ankwatirwa ensanyi, era akwatirwa ensanyi ebigambo byange munnaku zino ezobutakkiriza nekibi, nange ndimukwatirwa ensanyi kulunaku lwendikomawo mukitiibwa kya kitange nebamalaika. Mako 8:38.*

Mubutakkiriza bwabwe abantu abemirembe gino baagala okulaba akabonero ate nga tewali kabonero kajja kubaweebwa, okujjako ako akaweebwa Yona. Nga Yona bweyali mulubuto lwa Lukwata ennaku ssatu emisana nekiro, n'omwana w'omuntu bwatyo alimala ennaku satu muttaka emisana n'ekiro. Mazima olunaku lulituuka abantu be Nineeve ekibuga ekyababbi, lwebalisalira

omusango abantu abemirembe gino kubanga bo benenya nga Yona ababuulidde enjiri. Naye asinga Yona kati ali wano era ayimiridde mumaaso gammwe. Naabakyala wa Seeba naye alibasalira omusango kubanga ye yava wala nagenda okuwulira amagezi ga Kabaka Sulemani, naye mulabe asinga Sulemani amagezi ali wano. Omulembe guno nguyiteki? Balinga abaana abatuula mukatale nga bayita mikwano gyabwe, nebafuuwa emirere, nebatazina era nebatayimba. Netusalawo okukaaba naye era tebanakuwala. Yokaana omubatiza, yajja nabeera nammwe mubutuukirivu buli omu namuyita omuntu aliko badayimoni, nga bamugamba nti mutaamivu era ayagala nnyo okulya, mukwano gwabakopi era abonoonyi.

Ekyewunyisa mulina amagezi mangi naye temugakozesa. Mat.11:16 - 19.

Abemirembe gino obulamu bwabwe bwonna buli mukulimba. Mmwe abalimba ani ayinza okubawuliriza, kubanga ebijjudde mumitima gyammwe byemwogera. Mat.12:34. Akawungeezi bwekatuuka mugamba nti obudde bujja kuba bulungi kubanga eggulu limyufu, ate kumakya mugamba nti obudde bujja kuba bubu kubanga enkuba ebindabinda. Oba musobola okumanya embeera y'obudde temuyinza kumanya bubonero bwomunsi kyebutegeeza? Mat.16: 2 - 3.

Mujje mwena abakoye era ababundabunda era nange nabawa ekiwummolo ekituufu. Mutwale ebigambo byange, era muleke mbayigirize, kubanga nze ndi mukakkamu era wa kisa. Mujja kufuna ekiwummolo mu myoyo gyammwe. Byembasaba biriwo lwabulungi bwamwe era nekyembawa okutwala kiwewuka. Mat.11: 28 - 30.

Abo bonna abasazeewo okungoberera mumirembe gino, olunaku lumu balituula ku Namulondo era balisalira obwakabaka bwensi eno omusango nabo abakakanyaza emitima gyabwe nebatawulira bigambo bya butuukirivu. Mat. 19:28.

### **EKIFO KYO**

*\_\_enda okubatekera tekera ekifo. Yok 14:2*

Mumanye kino, bwe\_\_enda okubatekera teekera ekifo era ndikomawo nate nembatwala mubeere eyo nange. Eyo gyendiba nammwe mubeere eyo. Emitima gyammwe gireme okweraliikirira, mukkirize Katonda nange munzikirize. Munyumba ya Kitange mulimu ebisenge bingi, singa tekibadde bwekityo nandibagambye. Nteekwa okugenda naye nkomawo. Bwe munjagala mumazima mulisanyuka kubanga ngenda ewakitange, ate kitange asinga nze. Yok. 14:1-3

Temwewuunya bwenjogera nti mu kaseera katono munaaba temukyandaba, ate era tekigenda kutwala bbanga gwanvu mulindaba, mulikaaba era nemuba nennaku nga yo ensi esanyuka. Mulinyiikala naye obunyiikavu bwammwe bulifuuka essanyu. Yok. 16:19 - 20.

Omukazi bwaba alumwa awulira obulumi nennaku, naye oluzaala bwati yelabira obulumi olwessanyu olwo'mwaana azaaliddwa munsi. Kyamazima mujja kulumwa nga \_\_enze, naye njakubalaba nate, era nemitima gyammwe girisanyuka nessanyu lyammwe tewali aliribaggyako. Yok. 16: 21 - 22.

### **OMWOYO EYASUBIZIBWA**

*Omwoyo yalina amaanyi agaleeta obulamu. Yok. 6:63*

Bwemunjagala, mukwate amateeka gange. Nange nja kusaba kitange ajja kubawa omubeezi abeenga nammwe ennaku zonna. Yooyo omwoyo owa mazima. Ensi temukiriza kubanga temulaba era tomumanyi. Naye mwe mulimumanya, agenda kubeera nammwe era anabeeranga mummwe. Yok. 14:15 -17

Sigenda kubaleka bamulekwa, kyetaagisa nze okugenda kubanga bwesigenda, omwoyo omutukuvu omubeezi tagenda kujja. Naye bwe\_\_enda, \_\_enda kumutuma ajje. Yok 14:18

Bwalijja, agenda kulaga ensi ekibi ngabwekifanana era nobituukirivu nomusango. Ekibi kwekugaana okunzikiriza, obutuukirivu kubanga ngenda ewakitange era nomusango kubanga amaanyi gekibi agomulabe gamaze okumenyebwa.

Nina ebintu bingi ebyokwogerako naye temuyinza kubitegeera kakati. Naye omwoyo owamazima bwaliija, ali baluamya okumanya amazima kubanga tagenda kwogera kububwe, naye buli kyawulira, kyalyogera ngabalaga ebyo ebigenda okujja. Yok. 16:7-13.

Alitendereza era alimpa ekitibwa ngalaga ekitibwa kyakitange nekyange. Kyenva mbasubiza ebintu bino, omwoyo oyo yalibalaga enfanana yange. Yok. 16:14 15.

Singa omwana wo akusaba omugaati, oyinza okumuwa e Jjinja? Oba bwakusaba ekyenyanja oyinza okumuwa omusota? Oyinza okuwa omwana omuto ekiwuka ngakusabye egg. Oba mmwe abantu bomunsi musobola okuwa abaana bammwe ebirungi, murowooza kitammwe owo muggulu talinga nyo okubawa omwoyo omutukuvu abo abagusaba. Luk. 11:11-13.

Omubeezi omwoyo owamazima gwendituma okuva ewa Kitange, atuuse, oliwa obujulizi obunfaako. Alibayigiriza ebintu byonna era agenda kubajjukiza byonna bye mbagambye. Yok. 15:26 14:26

### **JJANGU ERI OBULAMU**

*Buli akkiriza omwana aliba nobulamu obutaggwaawo. Yok. 3:16*

Nagagga omu yategeka embaga nayita abagenyi bangi. Bweyamala okutegeka nagamba abakozi be bagende bayite abayitiddwa nga bwebalangirira nti mujje embaga ewedde okutegeka.

Naye bonna aba yitibwa nebatandika okwekwasa obusongasonga. Omu yagamba nti naguze ettaka lyange, nteekwa okuddayo ndirambule sijja kusobola.

Owokubiri nagamba nti nguze ente zange, nteekwa okugenda okuziraba, sijja kusobola.

Nowokusatu nagamba nti nze nakawasa sijja kuleka mukazi wange.

Abakozi bwebaddayo, ne bategeeza omukulu nanyini mbaga, nabagamba nti kale mugende mangu munguudo muku\_\_anye abaavu, abalema, abalwadde, nebamuzibe mubaleete.

Abakoozi nebagenda nebakola nga bwe balagiddwa. Era ekisenge ekyalimu embaga nekitajjula.

Nagagga nalagira abakozi nti muddeyo mukibuga mutambule nga munoonya buli ayagala okujja mumugamba ajje. Neyeyama nti bali beyasooka okuyita tagenda kuddayo kubayita nate. Luk. 14:16-24.

Buli awulira ekigambo kyange nakkiriza oyo eyantuma, aliba nobulamu obutaggwaawo era taliba namusango, naye aliyita mukufa naba mulamu nate. Temussamalirira olwakino, ekiseera kijja abafu lwe bawulira eddoozi lyomwana wa katonda era abo abaliwulira eddoozi eryo baliba balamu. Muntaana zabwe abafu baliwulira eddoozi era balizuukira . Abo abakola obulungi balifuna obulamu obutaggwaawo era naabo abakola ebibi balizukirira okubonabona. Yok. 5:24, 25, 28,29.

Lino lyekkubo eryobulamu obutaggwawo. Okumanya Katonda owamazima ne Yesu Kristo eyatumibwa kungsi. Ebigambo byange mu bitwale nga byamugaso kubanga Katonda bwatyo bweyayagala ensi n'okuwaayo nawaayo omwana we omu yekka. Buli amukkiriza oleme okufa wabula abeere nobulamu obutaggwawo. Amawulire gano amalungi galimala kubuna nsi yonna enkomerero n'eryoka etuuka. Yok 17:3, 3:16, Mat 24:14;

### **EBIRO EBYENKOMERERO**

*Mazima ddala mbategeeza nti emirembe gino tegiriggwaawo okugyako ngabino byonna bimaze okutukirira. Mat. 24:34*

Waliwo omutaka omu eyasimba ennimiro ye mizabbibu, kunnimiro nateekako essogolero lyomubisi. Yazimbako olukomera neyotolooza ennimiro eyo era natekako omulongooti. Nampagisa abantu okugikuuma, ye neyengedera mu safaali. Amakungula bwegatuka omutaka nasindika abakozi eri abakuuma ennimiro bamuwe amagobage. Naye bbo nebakwata abakozi abo nebabakuba nebabatta, abalala nebabagoba namayinja.

Omulundi ogwokubiri natuma abalala era nga basingako obungi abasooka. Kyokka era nabo nebakola bwebatyo.

Ekyasembayo kwekutuma omwana we yenyini. Bwebamulaba nga likumpi okutuuka nebekobana, nebagamba nti ono ye musika we. Tumutte obusika bube bwaffe. Bwe batyo nebamutta. Kambabuze, omutaka ono bwalikomawo alibakolera ki abo?

Bantu bange, bantu bange, mwe abatta banabbi, nemukuba abo ababatumirwa ate nganze nabaku\_\_anya ngenkoko bwe kuu\_\_anya obwana bwayo, enyumba zammwe zirekeddwa ttayo era temugenda kuddayo kundaba okutuusa ngekiseera kituuse lwe baligamba nti awereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama. Lk. 13:34 - 35.

Singa mwali mumanyi munnaku zammwe emirembe gyakatonda egyali gibaleeteddwa. Naye kati g ikwekedwa temuyinza kugiraba. Amaanyi ge ggulu ganyeenyebwa, era emitima gyabantu ginafuye ngabatya ebizibu ebigenda okujja kungsi. Luk. 19:42, 21:26.

Enkomerero bwelituuka nemulaba nawokeera nabbi Danyeri gweyayogerako ng'ayimiridde mukifo ekitukuvu, nemulyoka mutegeera nti mulina okudduka mubibuga mugende munsonzi. Oyo aliba kunyumba waggulu tayoonanga biseera bye nti akka wansi agenda munyumba agyeyo ebintu, n'abo abaliba munnimiro tebonoonanga biseera bya bwe mbu baddayo eka banone engoye. Naye kiriba kyakabi nyo eri abali embuto. Musabe ebintu bino bireme kubaawo mu butiti oba kulunaku olwomusanvu kubanga obulumu bwebireeta tebulabwangako munsu, ate tebugenda kuddayo kulabwa. Okugyako nga ennaku ezo zikendeezebwo, naye tewali alirama. Naye zigenda kukendeezebwo olwabantu bakatonda abalonde. Mat. 24:16-22.

Muliribwamu enkwe era bilibasalira emisango gyokufa, mulikyayibwa amawanga gonna olwe linnya lyange. Naye mube begendereza era musabe buli kaseera musobole okubalibwa mwabo abaliwona ekibambulira kyebyo ebigenda okujja. Era abaliyimirira mumaaso go mwana womuntu. Mat. 24:9 Luk 21:36.

Muyigire kumuti ogwenkomamawanga amatabi gaagwo bwe gaanya mu manya nti ekyeeya kiri kumpi. Tewali muntu amanyi lunaku, wadde essaawa entuufu Kristo kwalijjira. Wadde bamalayika, okugyako kitange yekka, naye bwe mulabanga ebyo byonna byenjogeddeko, ngamumanya nti olunaku luli kumpi. Mat. 24:32,33,36.

### **OKUDDA KWE**

*Nolwekyo mutunule, kubanga temumanyi ssaawa mukama wammwe mwaliddira. Mat. 24:42.*

Mwegendereze omuntu tabalimba nga, kubanga munaku ezoluvanyuma bangi balijja ngabakozesa erinnya lyange ngabagamba nti nze Kristo era balirimba bangi. Banabbi abobulimba baliyimuka era nabo balikirizisa bangi ebyobulimba. Mat. 24:4-5, 11.

Temukkirizanga bwebalibagamba nti, aliwano alinga Kristo, oba waliwo omuntu alinga Kristo wali. Waliyimukawo ba Kristo bangi era nebanabbi abobulimba ngabalaga ebyamagero nobubonero, nabatukuvu balirimbibwa.

Bwe babagambanga nti ali muddungu, togendangayo, bwebaligamba nti alimukifo nze nkimanyi nzeka, tobakkirizanga. Era ng'okumyasa bwukulabika mubbanga wonawona, nomwana womuntu bwatyo bwalirabika. Mat. 24:23 - 27.

Kunkomerero yensi obubonero obulaga okujja kwe bulirabika, ensi zonna zonna ziriuguma kubanga ziriraba omwana womuntu ngajja namaanyi nekitibwa era zirilaba omwana womuntu ngatudde kumukono ogwaddyo ogwa Katonda omulamu ngajja mubire. Alituma bamalayika be neddoboozi eddene eryekondeere bali ku\_\_\_anya abalonde okuva ku sonda enya ezensi, okuva ewala nokumpi,

era nebabawa emigabo okusinziira ku bikolwa bya buli omu. Mat. 24:30-31.

Nga bwekyali munnaku za Nuuwa, bwekiriba ne munaku zokujja kwo mwana womuntu. Nga amataba teganabaawo, baali balya, nga banywa, nga bakyakycankya, ngabawasa era nga bafumbirwa. Nuuwa nayingira mu lyato, nebatafayo kukulabulwa okwamataba. Mat. 24:37-39.

Era bwekityo bwekyali munaku za Luuti. Baalya, ne banywa, nebagula, era nebatunda, ngabazimba era ngabalima, naye olunaku Luuti lweyava mu Sodoma, omuliro gwa tonya kungsi negubazikiriza bonna, bwekityo bwekiriba ne kulunaku olwomwana womuntu. Luk. 17:28 - 30.

Muleme kuteeka mitima gyammwe ku bugagga bwensi nemwerabira okujja kwange, kubanga okujja kwange kuliba kwambagirawo. Luk. 21:34 - 35.

Ababiri baliba munnimiro, omu alitwalibwa omulala alirekebwa. Abakazi babiri baliba bassa kulubengo omu alitwalibwa omulala alirekebwa. Nolwekyo mutunule kubanga temumanyi lunaku mukama waffe lwalidda. Naye mumanye kino nti singa abantu abali munju baali bakimanyi nti omubbi ajja kujja ssawa bweti, bandibadde tebebaka era tebandikiriza mubbi kumenya nyumba yabwe. Mbakakasa nti banabbi bangi ne bakabaka abaayagala okulaba ebintu bino byemulaba kakati naye tebaafuna mukisa. Era bangi kubo abaayagala okuwulira bye mumanyi kakati naye tebasobola. Mmwe mulyabye obunabbi bungi obutuukiridde.

Mulongose emitima gyammwe kubanga mu kiseera mwe mutasubirira omwana womuntu mwalijjira. Luk. 10:24, Mat. 24:40 -44.

Muwulirize olugero lwemperekeze ekkumi abatwaala ettala zaabwe okusisinkana omugole nga baagala okumuliisa ekkubo lye. Ekibiina kyabawala kino kyaalimu emirundi ebiri.

Abataano baali bagezi, nabataano nga basiru. Abo abasiru balina ettala, naye tebaalina mafuta gamala. Naye bali abagezi balinawo amafuta age nsuso. Naye ekyokusalirwa omugole omusajja yalwaawo okutuuka bonna nebebaka.

Naye muttumbi wakati, oluyogaano neluwulirwa. Omugole omusajja atuuse mujje mumusisinkane.

Amangu ago abawala nebagolokoka nebetegeka ne ttala zabwe, naye abataano nebesanga amafuta nga bawedeko, kwe kusaba banabwe babaweeko kugaabwe, naye bo nebagaana. Nebabagamba bagende bagule mangu.

Naye baali bakyaali eyo, omugole omusajja natuuka era abo abaali betegese nebagenda naye kumikolo. Oluggi nelugalwawo. Oluvanyuma ngawayiseewo ekaseera nabali nebakomawo, nebayita babaggulirewo. Naye nanyini mukolo nagaana okuggulawo nti tabamanyi. Mat. 25:1 - 12.

Bawereddwa omukisa abo mukama balisanga nga bamurindiridde bwalikomawo nebwalidda wakati muttumbi oba nga busasana. Mbateggeeza nti alyambala ekyambalo kye nabaaniriza ku kijjulo era ye yenyini nabagabula. Luk. 12:37 - 38.

Nolwekyo mwetegeke, kubanga temumanyi lunaku, oba essaawa omwana womuntu lwaliddirako. Bulijjo obulamu bwammwe bube bwetegefu ne ttala zammwe nga zaaka, nga bakozi abalinda kulugi ngabalindirira Mukama waabwe okukonkona. Mat. 25:13 Luk. 12:36 -37.

Kyangu nyo eggulu nensi okuggwaawo naye tewali nakamu ku bigambo byange ekitali tuukirira. Luk 16:17.

## **EKITUNDU EKYOMUKAAGA** **ENNAKKU ZA KRISTO EZISEMBAYO KUNSI**

### **OKULIBWAAMU OLUKWE**

*Ebintu byonna ebyawandikiibwa banabbi ngabifa ku Kristo bigenda kutukirira. Aliweebwayo mubusibe eri abantu bensi, balimuduulira, bali mubonyabonya. Balimukuba, era balimutta naye kulunaku olwokusatu alizuukira. Luk. 18:31 - 33*

Ndikumpi okuva muni. Ekiseera kyammwe ekyokujja gye \_\_enda tekinatuka. Tulye ekijjulo ekyokuyitako ekiseembayo ngasinatwalibwa kubonabona. Mbategeeza amazima siriddayo kulya kuyitako okutuusa byonna ebikifaako lwe birituukirizibwa mu bwakabaka bwa Katonda. Era siriddayo kunywa ku nvinyo okujjako ng'obwokatonda obwo muggulu bukomyewo.

Omugaati guno gulaga omubiri gwange oguwereddwayo kulwammwe. Mugulye nga munzijukira. Ekikopo kino ekyenvinyo kiraga endagaano yakotonda eyobulokozi empya ng'enywezeddwa n'omusaayi gwange oguyiika kulwa mmwe. Yok. 13:33

Nteekwa okuwaayo obulamu bwange nga bwekyalangirirwa ba Nabbi, nga zimusanze oyo alya mu mwana womuntu olukwe.

Kyandibadde kirungi nyo singa teyazaalibwa, sitegeeze nti mwenna zibasanze kubanga manyi bulungi abaange bennonze. Naye kyawandiikibwa nti oyo akoza nange yalindyaamu olukwe. Mbabulira bino byonna nga tebinatuukirira oluvanyuma musobole okunzikiriza. Mat. 26: 24, Yok. 13:18.

Mulwooza nti musobola okuwaayo obulamu bwammwe kulwange? Kyannaku kubanga mmwena mujja kunjabulira kulunaku lwendiribwaamu olukwe, nga banabbi bwe bawandiika \_\_enda kukuba omusumbawe endiga era zirisaasana. Yok. 13:38, Mk. 14:27.

Taata, wulira okusaba kwange. Oba kusiboka obuzito bunno obunjolekedde buveewo, naye singa bwenjagali naye kyoyagala kikulwe. Mk. 14:36

Banange essaawa etuuse omwana womuntu okuliibwaamu olukwe nokuweebwayo mumikono gy'abononyi. Mwegendereze nnyo, abo abatta nekitala nabo balifa nakitala.

Kisiboka kitya okulyamu omwana womuntu olukwe nga omunywegera? Munkwata nga omubbi,



muzze nebitala nemiggo?

Buli lunaku nali nammwe mu Yeekaalu temwankwata, naye kino kye kiseera ekye kizikiza era eno yes saawa ya mmwe eye mirimu. Luk. 22:48, 52.

Temukimanyi nti nyinza okusaba kitange naweereza bamalayika kumi nababiri neba nkuuma?

Naye olwokwagala ebyawandiikibwa bituukirire bino birina okubaawo. Omwana womuntu agulumizibwa era ne Katonda agulumirizibwe muye. Yok. 13:31.

### **OKUGEZESEBWA NO MUSALABA**

*Temulina maanyi gonna kunze okujjako nga gabaweereddwa okuva waggulu. Yok. 19:11.*

Lwaki munkemekereza ngamumbuza ebigambo bino? Mubuze abo abampulirizanga, bo bamanyi bulungi byenayogeranga. Sayogeranga mukyaama nayogeranga kaati ensi yonna ewulire. Nayigirizanga mu maku\_\_aniro, nemumpya za yeekaalu abakkiriza bange mwebakunganiranga.

Oba byenayogera byamenya amateeka gammwe, mukiweko obujulizi. Naye oba nayogeranga mazima lwaki munkuba. Yok. 18:20,23.

Obwakabaka bwange sibwa muni muno, singa bwali bwamuni muno, abantu bange bandilwanye nemutankwata. Naye obwange sibwakabaka bwansi.

Muli batuufu bwe mumpabira nti ndi Kabaka. Kino kyenazaalibwa okubeera. Nteekwa okuba omujulizi owamazima. Bonna abagala amazima bategeere obubaka bwange Yok 18:36,37.

Leero omulangira wensi eno ajja kuwagulwa. Era bwe nazuukizibwa okuva muttaka abantu bonna bajja kudda gyendi Yok 12:31, 32.

Kitange kyaava anjagala kubanga mpaayo obulamu bwange ate nga era mbweddiza. Tewali muntu abunzijako naye mbuwayo lwa kwagala. Nina obuyinza okubuwaayo era nina obuyinza okubweddiza. Kitange ampadde obuyinza nobusobozi. Yok. 10:17 - 18.

Kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kyebakola. Katonda wange, Katonda wange kiki ekikundeseza. Mat. 27:46.

### **EBYA DIRIRA OKUZUKIIRA**

*Mwe abasirusiru, era abalwaawo okutegeera ebya banabbi byebayogera, mulowooza nti Kristo tasaanidde kubonabona alyoke ayingire mukitibwakye. Mulekere awo obutakkiriza, naye mukkirize. Luk. 24:25, 26, Yok 20:27.*

Kino kye nabagamba nga ndi nammwe nti ebintu byonna birina okutuukirira ebyawandiikibwa

mumateeka ga Musa, nebanabbi era ne mu zabbuli nga binkwatako. Nti Kristo ateekwa okubonabona era nga kulunaku olwokusatu alizuukira. Era okwenenya nokusonyiyibwa kwebibi biteekwa okubuliirwa mu linnya lye mumawanga gonna nga bitandikira mu Yerusalemi. Luk. 24:44.

Manyi gye nnavo era ne gye \_\_enda. Mmwe temuyinza kumanya wa gye nnavo ne gye \_\_enda. Muli bansi, nze nva waggulu. Muli bansi eno, nze siri wansi eno. Yok. 8:14,23.

Tewali n'omu eyali agenze mu ggulu okuggyako oyo eyava mu ggulu, ye mwana wa Katonda oyo ali muggulu. Mugende mubulire baganda bange nti njakuddayo ewa Kitange era kitammwe, ewa Katonda wange era Katonda wammwe. Yok. 3:13.

Lwaki mweralikirira, nokubusabusa mu mitima gyammwe. Mube nemirembe, mulabe engalo zange nebigere byange. Munkwateko, mutegeere nti ndi muzuukize, kubanga omuzimu teguba namubiri namagumba nga nze bwendi nabyo. Naye kubanga mundabye mukkiriza. Naye balina omukisa abo abatandabye nebakkiriza. Luk. 24:36 -39.

Mukaseera mpawekaaga ensi eriba tekyandaba, naye okubeerawo kwange kujja kusigala mummwe era olwokuba ndi mulamu nammwe muliba balamu Yok 14:19.

## **BULIJJO**

*Ngakitange bweyantuma, nange mbatuma. Yok 20:21.*

Mugende muyigirize amawanga, nga mubabatiza mu linnya lya kitaffe, n'omwaana nomwoyo omutukuvu. Mugende munsu yonna mulangirire amawulire amalungi eri abantu. Abo abakkiriza nebatizibwa balifuna obulokozi, naye abo abaligaana balizikirira. Mat 28:20.

Mutegeere ebisubizo bya Kitaffe bye mbabulidde kubanga ne Yokaana omubatiza yabatiza abagoberezi be mu mazzi, naye mmwe mulibatizibwa nomwoyo omutukuvu. Ebikolwa 1:4,5.

Mulifuna amaanyi amapya Omwoyo omutukuvu bwalijja, era mulibeera bajulizi bange ngamutandikira mu Yerusalemi ne Juda, ne Samaliya okutuukira ddala ku nsonda ze nsi yonna. Mufune omwoyo omutukuvu. Ebikolwa 1:8, Yok 20:22.

Muyigirize abantu ebintu byonna bye mbagambye, mujjukire nti ndi namwe bulijjo okutuusa ensi lw'eriggwaawo. Mat 28:20.

Written by:

Translated by:

Pastor James Kato  
**P.A.G. CHURCH - JINJA.**